# Bahá'í Prayers    Ganda

Ganda

131 prayers

## Additional Prayers Revealed by ‘Abdu’l-Bahá

BH08855

Tusaba Katonda, kulw'ekisa Kye, ayambe abo ababuziddwabuziddwa, basobole okuba ab'amazima era abenkanya, era obasobozese okulaba ebyo ebikyabalemye okutegeera. Ye mu mazima Ye Nnyini kisa, Lugaba, Asinga bonna obugabi. Abaddu bo, tobagoba okuva ku mulyango gw'ekisa Kyo, era tobagoba kuva mu mbuga Yo. Obayambe okugyawo olufu olw'ebirowoozo ebitaliimu n'okuyuza entimbe ez'ebirowoozo n'okusuubira okutaliimu. Ggwe mu mazima Ggwe nanyini byonna, Ali waggulu ennyo. Tewali Katonda mulala wabula Ggwe, Ayinza byonna, Nnyini kisa.

Also in: af, ar, az, bs, ca, ca, da, de, el, en, en, en, es, es, es, et, eu, fa, fr, hi, hr, ht, hy, id, it, ky, lv, nl, pl, pt, ro, ro, ru, sk, sl, sm, sne, sne, sne, sv, ta, tl, tvl, uk

## Aid and Assistance

AB00204PIT

Ayi Ggwe Omutukuvu atugabira by'etwetaga tujudde okunyolwa otusasire. Tubungeta, tuwe w'etwewagama. Tusasanye otugatte wamu. Tubuze otukunganye wamu mukisibo Kyo. Abatalina kantu otuwe omugabo Gwo. Abayonta, otunywese okuva ku nsulo ez'amazzi Go agobulamu; abanafu, otuwe amaanyi tusobole okuyimukiramu okuyamba enzikiriza Yo, tulyoke tweweyo nga sadaaka mu kkubo ly'okulungamizibwa Kwo.

Also in: bs, el, en, es, eu, hu, hy, is, kn, mg, pt, sne, sq

## America

AB08704NEW

Ayi Katonda! Tuli banafu, otuzeemu endasi. Tulu bankuseere, otuwe omugabo Gwo ogutagwawo. Tulibalwadde otuwe okuwonya Kwo okuttukuvu. Tuli ngajaba, tuwe amaanyi Go amatukuvu agomu ggulu. Ayi Mukama, tufuule ba mugaso mu nsi eno. Tusumulule mu mbeera ey'okwerowoozaako n'okwegomba. Ayi Katonda, tunyweeze mu mukwagala Kwo, era otuyambe okwagala abantu bonna. Otukakase mu kuweereza abantu b'ensi eno, tusobobole okufuuka abawereza b'abawereza Bo, twagale ebitonde Byo byonna, tube basaasizi eri abantu bonna. Ayi Mukama! Ggwe oli wa buyinza! Oli wa kisa! Ggwe Asonyiwa bulijjo! Ggwe Ayinza byonna.

Also in: bs, en, is, it, lb, mt, no, tvl

## Birth of The Báb

AB02304TST

*...Okwejusa ebibi n'ebyonono eri abantu, tekiki rizibwa... Omwonoonyi alina okuda eri Katonda we, olwo n'awanjagira ekisa, ky'Oyo, nnyini nnyanja ey'ekisa, n'asaba

ekusonyiyibwa okuva mu Ggulu ly'obugobi bwe, ayatule nti: Ayi Katonda wange, Ayi Katonda wange! Nkwegayirira kulw'omusaayi gw'abagalwa Bo, abesigwa, abo abasanyusibwa ennyo, ebigambo Byo, olwo ne beyunira ku ntiko y'ekitiibwa Kyo, mu kifo ky'obujulizi obusingira ddala ekitiibwa, era nkwegayirira kulw'ebyewunyo ebikwekeddwa mu magezi Go ag'omuwendo agali mu nnyanja ey'ekisa Kyo onsonyiwe ebyonoono byange, osonyiwe ne kitange wange ne mange. Mw'abo abalaga ekisa, Mu mazima Ggwe osingira ddala ekisa. Tewali Katonda mulala wabula Ggwe, Asonyiwa bulijjo, Asingira ddala ekisa. Ayi Mukama! Ggwe olabira ddala omwonoonyi ono nga akyukidde eri ennyanja y'ekisa Kyo, era omunafu ono nga anoonya Obwakabaka bw'amaanyi g'obutukuvu Bwo, era omunkuseere ono nga anuuka okutunuulira omusana gw'obugagga Bwo. Kulw'ekisa Kyo n'omukisa Gwo, tomusubya mukisa Gwo Ayi Mukama, wadde okumugaana okutuuka ku kubikkulirwa kw'obulungi Bwo, mu lunaku Lwo, oba okumugoba ku mulyango Gwo, ogwo Ggwe gw'oggudde, eri abo ababeera mu Ggulu Lyo ne Kunsi Yo. Woowe! Woowe! Ebibi byange bingaanye okutuuka mu mbuga ey'obutukuvu Bwo, era ebyonono byange bimbuziza ne ngenda wala okuva ku weema ey'obwakabaka Bwo. Nkoze ekyo Ggwe kye wangaana okukola, era, ne nteeka ku bbali, ekyo Ggwe kye wandagira okutuukiriza. Nkusaba kulw'Oyo Mukama ow'Amannya gonna, ompandikire n'akafumo ak'omukisa Gwo, ekyo ekinanyamba okutuuka okumpi Nawe, era n'okunkokoolamu ebyonoono byange, ebyekiika wakati wange n'okusaalira Kwo n'okusonyiwa Kwo. Ddala ddala, Ggwe oti wa maanyi, Omugabi. Tewali Katonda mulala wabula Ggwe, Ayinza byonna, ow'ekisa.

Also in: ar, bn, bs, cy, de, en, eu, fa, ht, id, is, kl, lt, ml, nl, no, pl, ro, wam

## Tablets of the Divine Plan

AB00169BEH

Ayi Katonda wange era Mukama wange! Negyekubange, era nga mpita mu Ggwe, noonya okwegya ku bonna ababeera munsi. Bulijjo mbeere mweteefuteefu okufuna ekyo ekitenderezebwa mu maaso Go. Mbunduggulaako ebirungi ebinanzigya ku kirala kyonna wabula Ggwe, era ompe omugabo ogwemala, okuva ku migabo Gyo egitakoma. Ddala ddala Ggwe Mukama Ow'omukisa Ogutakugirwa.

Also in: ar, ca, el, en, en, es, is, it, kl, lv, mg, ml, nl, pl, pt, sk, sl

## Children

BH09855

Ayi Mukama! Mukama wange! Ndi mwana ow'emyaka emitono. Ongabirire amabeere ag'ekisaakyo onjigirize okuva mu kifuba ky'okwagata Kwo, onsomese mu ssomero ly'obukulembeze Bwo, era onkulize wansi w'ekisiikirize ky'omukisa Gwo. Onzigye mu kizikiza, Onfuule omusana Ogwakayakana; onsumulule okuva mu

butasanyuka, onfuule ebimuli by'omunimiro eya looza; nyamba okufuuka omuwereza ku Mufuubeeto Gwo, era onfuule okuba omutukuvu; Nyamba okuba omugabi eri abantu bensi eno, era onyambaze engule ey'obuamu obutagwaawo.  Ddala ddala Ggwe oli w'Amaanyi, ow'Obuyinza, Alaba, era Awulira.

Also in: ar, az, bn, bn, ca, el, en, eo, es, fa, fo, gil, gil, gil, gu, haw, ht, hu, iba, iba, is, ja, ja, lb, lo, mi, mi, ml, mn, mn, mt, ne, nl, pl, ro, ru, sk, sq, st, sv, ta, ta, th, tk, tl, tvl, uk, uk, zh-Hant

---

AB10714

Ayi Ggwe Mukama ow'ekisa!  Abaanabano abatungi gye mirimugy'emikono Gyo, era obubonerobw'ettendo Lyo. Ayi Katonda!  Kuuma abaana bano kulwekisa Kyo, bayambe bayigirizibwe, era obayambe okuba abawereza, eri ensi.  Ayi Katonda!  Abaana ge mayinja ag'omuwendo, bayambe bakulire mu bigo eby'ekisa ky'okwagala kwo.  Ggwe Nnanyini mikisa, Ayagala Bonna.

Also in: az, be, bg, bs, ca, da, el, en, es, es, fa, fr, gil, ht, hu, hy, id, is, ja, kl, ky, lt, med, ml, mn, naq, nl, pl, pt, ro, ru, sk, sq, sw, ta, ta, tet, th, tl, tvl, zh-Hans, zh-Hant

---

ABU0129EDU

Ayi Katonda, yigiriza abaana bano.  Abaana bano bye bisimbe byomulusuku Lwo, ebimuli eby'ettale Lyo.  Looza z'ennimiro Yo.  Weerezaenkuba Yo, ebatonyere, baakize omusana ogw'amazima wamun'okwagala Kwo.  Leka obuwewo Bwo obulungi bubazeemu endasi basobole okugunjulwa, okukula era n'okweyongera ate n'okulabikira mu bulungi obusukkiridde.  Ggwe oli Mugabi!  Ggwe oli Wa kisa.

Also in: af, az, bg, bi, bs, ceb, ch, cnr, co, cy, da, de, diu, el, en, eo, es, et, eu, fa, fi, fo, fr, gil, haw, ht, hu, hy, hz, is, it, kj, kl, kn, ky, lv, mg, mh, mn, mn, mr, nal, nl, no, pap, pl, pt, ro, se, sk, sm, sq, st, sv, ta, te, tet, tl, tpi, uk, zh-Hant

---

AB11356

Ayi Ggwe Mukama atagerageranyizibwa!  Yamba omwana ono ayonka akulire ku mabeere ag'ekisa ky'okwagala Kwo, era omukuumire mu kibaya ky'obukuumi bwo ekinyweevu, omukirize alererwe mu mikono gy'obukuumi Bwo n'okwagala Kwo.

Also in: ar, az, bg, bs, ca, cy, da, de, el, en, es, fa, fr, ht, hu, id, is, kn, ml, mt, mt, nl, pl, pt, ro, sk, sq, srn, sv, tl, vi

---

## Departed

AB11094

Ayi Katonda wange!  Ayi Ggwe Omusonyiyi w'ebyonoono, Omugabi w'ebirabo, Ajjawo okunyolwa! Ddala ddala nkwegayiridde osonyiwe ebyonono byabo abavudde mu kyambalo kino ekyomubiri, nebagya munsi y'emwoyo. Ayi Mukama wange!  Banaazeeko ebyonoono byabwe, omalewo okunyolwa kwabwe, era ekizikiza kyabwe okifuule omusana.  Obayambe okuyingira mu lusuku lw'essanyu Lyo, obatukuze n'amazziamatukuvu era obakirize okulaba ku kumasamasa kw'obulungi Bwo, ku lusozi Lwo, olusingira ddala obugulumivu.

Also in: af, az, bg, bi, bn, bs, ca, ch, cy, da, de, diu, diu, el, en, eo, es, et, eu, fi, fr, fy, gil, hr, hu, hz, id, ik, is, it, ja, kgf, kj, kl, kn, ko, ky, lv, mg, mh, ml, mr, mt, naq, naq, ne, nl, no, pl, pt, ro, se, sk, sl, sq, srn, st, sv, ta, te, tet, tl, ur

---

AB11094

Ayi Ggwe Mukama Asonyiwa ebibi! Ggwe ekiddukiro ky'abaddu Bo bonna. Ggwe omanyi ebyaama era otegeera byonna. Tuli banafu era Ggwe Oli wa maanyi, Ayinza byonna. Ffena tuli bonoonyi, era Ggwe Asonyiwa ebyonoono, Ow'ekisa, Omwagazi. Ayi Mukama! Tusaasirenga oyita mu kisa Kyo n'obugabi Bwo. Ebyonoono byaffe bingi, Naye enyannja ey'okusonyiwa Kwo, teriiko koma, Obunafu bwaffe Butuyinze, naye obuyambi Bwo n'okuduukirira Kwo, bibaawo bulijjo. N'olwekyo tunyweeze era otwongere amaanyi. Otuyambe okukola ekyo ekigwanira omufuubeeto Gwo. Osanyuse emitima gyaffe, otuwe amaaso agalaba n'amatu agawulira. Ozuukize abafu era owonye abalwadde. Abankuseere obagaggawaze, owe emirembe n'obukuumi eri abali mu kutya. Otukirize mu bwakabaka Bwo era otutangaaze n'ekitangaala ky'obukulembeze Bwo. Ggwe oli Mugabi, Oli Musaasizi, Oli wa Kisa.

Also in: af, az, bg, bi, bn, bs, ca, ch, cy, da, de, diu, diu, el, en, eo, es, et, eu, fi, fr, fy, gil, hr, hu, hz, id, ik, is, it, ja, kgf, kj, kl, kn, ko, ky, lv, mg, mh, ml, mr, mt, naq, naq, ne, nl, no, pl, pt, ro, se, sk, sl, sq, srn, st, sv, ta, te, tet, tl, ur

---

## Detachment

BH09864

Ayi Ggwe Mukama asingira ddala ekitiibwa! Yamba omuzaana wo ono omulo okuba ow'omukisa era omusanyufu; muyambe okukuumibwa ku mufuubeeto gw'obumu Bwo, era omuyambe okunywa ku kikopo ky'okwagala Kwo, olwo akusibwe era asanyusibwe, asobole okubunyisa obuwoowo bwo obulungi. Ggwe oli w'Amaanyi, oli wa Buyinza, era Ggwe Omanyi byonna, era Olaba byonna.

Also in: af, ar, bg, ca, ch, da, de, el, en, es, et, fj, fr, hu, hy, id, is, it, lv, ml, nl, no, pl, pt, ro, sv, ta, zh-Hans

---

BB00015SUF

Yatula nti: Katonda amala mu buli kimu okusinga ebintu byonna, era tewali kintu kyonna muggulu nekunsi Katonda kyatamala. Ddala ddala ye Katonda, Amannyi, Omugabirizi, Ow'obuyinza.

Also in: af, ar, az, bg, bn, bs, ca, co, cy, da, de, el, en, eo, eu, fi, fr, hr, ht, id, ik, is, it, kn, mg, ml, nl, no, pap, pl, pt, ro, sk, sl, sr, sv, tet, tvl, wam

---

## Enlightenment

BH08855

Tusaba Katonda, kulw'ekisa Kye, ayambe abo ababuziddwabuziddwa, basobole okuba ab'amazima era abenkanya, era obasobozese okulaba ebyo ebikyabalemye okutegeera. Ye mu mazima Ye Nnyini kisa, Lugaba, Asinga bonna obugabi. Abaddu bo, tobagoba okuva ku mulyango gw'ekisa Kyo, era tobagoba kuva mu mbuga Yo. Obayambe okugyawo olufu olw'ebirowoozo ebitaliimu n'okuyuza entimbe ez'ebirowoozo n'okusuubira okutaliimu. Ggwe mu mazima Ggwe nanyini byonna, Ali waggulu ennyo. Tewali Katonda mulala wabula Ggwe, Ayinza byonna, Nnyini kisa.

Also in: af, ar, az, bs, ca, ca, da, de, el, en, en, en, es, es, es, et, eu, fa, fr, hi, hr, ht, hy, id, it, ky, lv, nl, pl, pt, ro, ro, ru, sk, sl, sm, sne, sne, sne, sv, ta, tl, tvl, uk

## Evening

BH00009HOW

Nyinza ntya okusatawo okw'ebaka, Ayi Katonda wange, nga abo abegomba okubeera naawe tebebaka olw'okwawukana naawe; era nyinza ntya okweganzika n'empumula nga emyoyo gy'abaagalwa Bo girumwa obujjiji, olw'okubeera ewata okuva Gyoli? Omwoyo gwange, n'obulamu bwange bwonna, mbutadde mu mukono Gwo ogwadyo, ogw'amaanyi g'obukuumi Bwo, era nganzika omutwe gwange ku mutto kulw'amaanyi Go, era ngolokokera mu kusiima Kwo n'essanyu Lyo eddungi.  Ggwe mu mazima Ggwe mukuumi, Alabirira, Ayinza byonna, Asinga bonna amaanyi. Kulw'amaanyi Go, sikusaba kwebaka oba kutunula naye nsaba ekyo kyokka Ggwe Ky'oyagala.  Ndi muddu Wo, era ndi mu mikono Gyo.  Onyambe mukisaakyo, nsobole okukola ekyo ekinasaasaanya akaloosa k'obulungi Bwo.  Kino mu mazima lye ssuubi lyange, n'okusuubira kwabo abasanyukira okubeera okumpi naawe.  Ettendo libe Gyoli, Ayi Ggwe Mukama w'ensi zonna!

Also in: af, ar, az, bg, bi, bs, ca, ceb, cnr, cnr, cy, da, de, el, en, es, et, fi, fj, fr, gil, gil, ha, hi, hr, ht, hu, hu, id, is, it, kl, kn, ko, lb, lv, mg, ml, nl, no, pl, pt, ro, ru, sk, sq, srn, sv, ta, tl, tvl, zh-Hans

## Firmness in the Covenant

AB02342AWA

Ayi Katonda omusaasizi!  Nkwebaza olw'okunzukusa era n'onfuula atageera. Ompadde eriiso eriraba, era n'ompa n'okutu okuwulira.  Ontute mu bwakabaka Bwo era onkulembedde mu kubo Lyo.  Ggwe ondaze ekkubo etuufu, era n'onyamba okuyingira mu Kyombo ky'okutokolebwa.  Ayi Katonda!  Onkuume obutasagasagana ate ongumye era onyambe okuba omunyweevu.  Onkuume okuva eri ebikemo eby'amaanyi, era onywereze mu kigo Kyo ekinyweevu eky'amaanyi, eky'Endagaano Yo n'eddaame Lyo.  Ggwe Oli wa buyinza, Ggwe Alaba, era Ggwe Awulira. Ayi Ggwe Katonda omusaasizi!  Ontonere omutima ogufanana ng'endabirwamu, oguyinza okutemagana n'omusana ogw'okwagala Kwo, era ompe ebirowoozo ebiyinza okukyusa ensi eno okugifuula olusuku olulungi olw'ebimuli nga oyita mu kugaba Kwo okw'omwoyo n'ekisa. Ggwe Oli Musaasizi, Ow'ekisa, Ggwe Katonda Asingira ddala obugabi.

Also in: af, ar, az, bg, bn, ca, da, el, en, eo, es, fr, fy, is, it, lv, mg, mh, nl, pl, pt, ro, ru, sk, sq, sv, tl, zh-Hant

AB00065STE

Ayi Mukama wange era essuubilwange!  Yamba abagalwa bo okubaabanywevu mu Ndagaano Yoey'amaanyi, babeere bamazima muNzikiriza Yo, era batuukirizeamateeka Go nga bwebagawandiika mu Kitabo ky'ekitangaata Kyo;

Bafuuke bendera elungamya, era ettabaaza z'abatuuze b'eyo waggulu, enkuluze z'amagezi Go agatakoma, era emmunyenye ezirungamya obutuufu, nga bwezaaka okuva mu bwengula obusingira ddala.  Ddala ddala, Ggwe towakanyizibwa, Oli w'amaanyi, Oliwa buyinza.

Also in: az, bg, bs, ca, da, el, en, eo, es, fa, fr, hr, ht, hu, is, kiw, kn, mg, ml, mt, nl, pl, pt, ro, ru, sk, sv, tl, ur

---

## Forgiveness

BH07106

Erinya Lyo litenderezebwe, Ayi Mukama Katonda wange!  Ggwe Ondabira ddala nga amaaso gange ngatunuuliza eri kisa Kyo, era nga elyenyi kyange kikyukidde eri eggulu ly'ekisa Kyo, n'okwagala Kwo, era nga emikono gyange gigoloddwa eri eggutu ly'obugabi Bwo.  Amaanyi go gampaako obujulirwa! Buli kitundu kya mubiri gwange kikukowoola nga kigamba nti; Ayi Ggwe Omwagalwa w'ensi zonna era Mukama wabali mu ggulu ne kunsi, era okwegomba kw'emitima gyabo abewaddewo Gyoli! Nkwegayirira kulw'ennyanja eyo gyewakunganyi riza abatuuze abomu ggulu era n'abo abatuula kunsi, okuyamba abaddu Bo abo abakyalemeddwa okugituukako, n'okusemberera embalama zayo.  Obayambe, Ayi Katonda wange okweja ku mulala yenna wabula Ggwe, era obayambe okwatula ettendo Lyo, n'okutendereza ebikolwa Byo.  Obawe Ayi Katonda wange, omubisi ogw'emberenge ogw'ekisa Kyo, gubeerabize omulala yenna wabula Ggwe era bayimukiremu okuwereza Enzikiriza yo, era banywerere mu kwagala Kwo.  Ddala ddala, Ggwe Mukama ow'obulamu bwabwe era ekigenderera kyabwe.  Kale Ggwe bw'onobasuula muguluka, ani anabalabirira era bw'ebanatwalibwa ewala okuva Gyoli, ani anabayamba okukutuukirira Ggwe? Ndayira kulw'obuyinza Bwo!  Tewali buddukiro bulala bwonna wabula Gyoli, era tewali bubudamo bulala wabula obubvro, wadde obukuumi bwonna okujako obukuumi Bwo.  Zibasanze abo abagulumiza omulala yenna wabula Ggwe, era ba mukisa abegye ku byonna ebiri mu nsi era ne bekwala ku munagiro gw'obugabi Bwo. Bano!  Be bantu ba Baha, mu maaso gaabo abali mu ggulu ne kunsi.  Tewali Katonda mulala yenna wabula Ggwe, Amanyi byonna, Kagezi munyu.  Ettendo libe eri Katonda, Mukama ow'ensi zonna.

Also in: af, ar, az, da, de, el, en, et, et, eu, fr, hy, id, it, lt, no, pl, pl, pl, pt, ro, sk, sne, sne, sq, st, tvl

---

BH08855

Tusaba Katonda, kulw'ekisa Kye, ayambe abo ababuziddwabuziddwa, basobole okuba ab'amazima era abenkanya, era obasobozese okulaba ebyo ebikyabalemye okutegeera.  Ye mu mazima Ye Nnyini kisa, Lugaba, Asinga bonna obugabi.  Abaddu bo, tobagoba okuva ku mulyango gw'ekisa Kyo, era tobagoba kuva mu mbuga Yo. Obayambe okugyawo olufu olw'ebirowoozo ebitaliimu n'okuyuza entimbe ez'ebirowoozo n'okusuubira okutaliimu.  Ggwe mu mazima Ggwe nanyini byonna, Ali

waggulu ennyo.  Tewali Katonda mulala wabula Ggwe, Ayinza byonna, Nnyini kisa.

Also in: af, ar, az, bs, ca, ca, da, de, el, en, en, en, es, es, es, et, eu, fa, fr, hi, hr, ht, hy, id, it, ky, lv, nl, pl, pt, ro, ro, ru, sk, sl, sm, sne, sne, sne, sv, ta, tl, tvl, uk

---

BB00617

Ayi Katonda wange, Ayi Mukamawange!  Nkusaba onsonyiwe olw'okunoonya essanyu eddala n'esinoonya kwagala Kwo.  Ne noonya okubeera obulungi, ne nesubya okubeera okumpi Nawe, ne noonya essanyu eritali eryo Ggwe lyoyagala, ne noonya embeera endala mu kifo ky'okusembera gyoti.

Also in: az, bg, bs, ca, cs, da, de, diu, el, en, en, es, et, fi, fr, gu, hr, ht, hu, hy, hz, iba, id, is, it, kj, kl, kn, kn, ko, ky, ky, lb, mg, mh, ml, mt, ne, nl, pl, pt, ro, ru, sk, sk, sne, sq, ta, ta, tet, tk, tl, tvl, uk, zh-Hans, zh-Hant

---

## Gatherings

BH00074BLE

Waliwo ayinza okujawo ebizibu okujako Katonda?  Yatula nti Katonda atenderezebwe!  Ye ye Katonda!  Abantu bonna baddube, era bonna babeerawo, lwa kutagira kwe!

Also in: be, bla, bla, bs, ca, chr, co, cy, de, dgz, en, et, fa, fr, fy, ga, gil, gil, gwi, gwi, gwi, haw, ht, hu, hur, hur, hur, hur, iba, ik, is, kgf, kiw, kl, km, ksd, lkt, lkt, lt, lut, med, meu, ml, moh, moh, nv, nv, oj, oj, oj, oj, one, pap, ro, se, shh, slh, slh, slh, sm, sq, srn, tet, tk, ttm

---

ABU0095KIN

Ggwe Oyo, Ayi Katonga wange, nga oyita mu manya Go, abalwadde bawonyezzebwa, era n'abayi ne basuuka, abayonta ne banywa, era n'abawotose, ne batojjera, ababuze ne balungamizibwa, era n'abakopi, nebaweebwa ekitiibwa, abawejere, bagaggawazibwa era n'ababuya ne n'ebayiga, nabanyikaavu basanyusibwa era n'abalina ennaku n'ebabudabuddibwa, abanyogoze babuguumizibwa era n'abalinyirirwa bafuna eddembe.  Mu linya Lyo, Ayi Katonda wange, ebitonde byonna byafu'na essanyu, era n'eggulu lyabikuka, n'ensi yonna nebeerawo, n'ebire byonna ne byekulumuulula, ne biretera enkuba okutonyera ensi yonna.  Kino mu mazima ddala kabonero akalaga ekisa Kyo, eri ebitonde Byo byonna. N'olwekyo nkwegayirira kulw'erinya Lyo, eryo mwewalagira obwaKatonda Bwo, era mwe wagulumiririza Enzikiriza Yo okusukuluma ebitonde byonna, era na buli kimu ku bitiibwa Byo, era n'ebikolwa Byo ebirungi ebitayogerekeka, omuyita ettendo Lyo okugulumizibwa, otonyese mu kiro kino, enkuba ey'okuwonya Kwo, eri omuwere ono, Ggwe gwottadde okumpi nawe mu bwakabaka bw'ebitonde Byo.  Omwambaze Ayi Mukama, n'omunagiro gw'obulamu era n'okusuuka obulungi, omukuume, Ayi Omwagalwa wange, okuva mu kunyolwa kwonna, era n'obutali butebenkevu n'okuva ku kirala kyonna ekitakusanyusa Ggwe.  Amaanyi Gomu Mazima gasinga ebintu byonna.  Ggwe mu Mazima Ggwe Osingira ddala amaanyi, Eyemalirira.  Omuwbreze Ayi Mukama, ebirungi eby'omunsi eno n'ensi eriddirira, era eby'omumirembe egyayita, n'eby'emirembe egirigya, Amaanyi Go n'amagezi Go awatali kubusabusa g'enkanira

ddala kino.

Also in: af, am, ar, az, bg, bi, bs, ca, da, de, el, en, es, et, fa, fi, fr, iba, is, it, ml, ne, nl, pl, pt, ro, sk, sne, sne, sv, ta, tl, tvl, tvl, uk

ABU0003DIS

Ayi Katonda! Ddala ddala tukunganidde wano mu kawoowo k'okwagala Kwo. Tukyukidde eri obwa Kabaka Bwo. Tewali kirala kyetunoonya, wabula Ggwe, era tetwetaaga kirala kyonna wabula obulungi Bwo. Ofuule emmere eno okuba maanu ava mu ggulu, era oyambe abantu bano abakungaanye, okuba nga abagalwa Bo abomu ggulu. Bafuule ensibuko y'okwagala Kwo, eri oluse lw'abantu. Bafuule emikutu gyoyitamu okulungamya ensi. Ddala ddala Ggwe Oli wamaanyi, Ggwe Oli mugabi, Ggwe Olimusonyi, Ggwe Ayinza byonna.

Also in: az, be, bi, bs, ca, co, cy, cy, da, de, el, en, gil, gil, gil, ht, hu, id, kl, lo, lv, ml, nl, no, pl, pt, ro, ru

## Healing

BH04475

Ettendo libe gyoli, Ayi Mukama Katonda wange! Kulw'ekisa kyo, kiriza omuwere ono okuyonka ku mabeere ag'ekisa ky'okusaasira Kwo n'okwagala Kwo, era omukulirize ku bibala eby'omuti ogw,omuggulu. Tomuganya kubeera mu bukuumi bwa mulala yenna, wabula Ggwe, Ggwe kenyini, nga bwe wamutonda n'omuwa obulamu nga oyita mu maanyi g'obwakabaka Bwo. TewaliKatonda mulala wabula Ggwe, Asingira ddala amaanyi, Amanyi byonna. Ogulumizibwe, Ayi Omwagalwa wange asinga, muyiweeko obuwoowo obulungi, obw'emikisa gyoegisingira ddala, era n'omugabo Gwo ogusingira ddala obutukuvu. Omuyambe okufuna obubuddamo wansi w'ekisiikirize ky'erinya Lyo erisingira ddala okugulumizibwa, ggwe akutte mumukono Ggwo obwakabaka obwamanya gonna era nebikolwa ebirungi era n'ebirabo. Ddala ddala, Ggwe oli wa buyinza okukola nga bwosiima, era Ggwe mumazima oli w'Amaanyi, Agulumizibwa, Asonyiwa bulijjo, Ow'ekisa, Omugabi, Asingira ddala ekisa.

Also in: af, bs, ca, co, de, en, es, fi, ha, hi, iba, it, ja, kn, ko, ms, ms, ne, ne, nl, ny, pt, sv, sv, tl, uk, zh-Hant

## Humanity

ABU0009SER

Ayi Katonda, Yamba abaddu Bo okubunyisa ekigambo Kyo. bawakanye ebitalimu, eby'obulimba, balage amazima Go. Babunyise enyiriri entukuvu buli wamu, babikkute amatendo Go buli wamu, baleetere omusana ogw'okumakya okwakira mu mitima gy'abatukuvu. Ggwe ddala ddala Oli Mugabi, Omusonyiyi.

Also in: af, ar, az, bg, bs, ca, ch, cy, de, el, en, eo, es, fa, fr, ht, hu, id, is, it, lv, mh, ml, mt, ne, nl, no, pl, pt, pt, ro, ru, st, tl, vi

AB00787SPL

Ayi Katonda, Katonda wange!  Omuzaana Wo ono akukowoola nga akwesiga, nga akyusiriza ekyenyi kye Gyoli, nga akwegayirira omufukeko emikisa Gyo egyomu ggulu era omubikkulire ebi rungi Byo eby'omwoyo, era omumulisize omusana ogw'obwakatonda Bwo.  Ayi Mukama wange!  Ozibule amaaso ga baze wange. Osanyuse omutima gwe n'amagezi g'okukumanya, ebirowoozo bye obize kw'ebyo ebikusanyusa, sanyusa omwoyo gwe, nga omubikulira omusana Gwoogw'ekitiibwa. Ayi Mukama wange!  Ogyewo ekifuKu maaso ge, Omuyiweko omukisa gwo, omunywese omubisi gw'okwagala Kwo, Omufuule nga omu ku bamalayika Bo, wadde nga batambulira kunsi, naye nga emyoyo gyabwe gyebulungurira mu ggulu. Omuyambe okuba nga ettaala eyekayakana, nga eyaka n'omusana ogw'amagezi Go mu bantu Bo.  Ddala ddala, Ggwe oli wa muwendo, Omugabi bulijjo, Lugaba.

Also in: bg, bn, ca, en, fr, hy, is, it, nl, pl, pt, ta, tl, tvl

## Journey

BH10688

Ayi Katonda, Katonda wange!  Nvudde mumaka gange, nga n'ekwatidde ddala ku wwuzi y'okwagala Kwo, era nga newereddeyo ddala mu bukuumi Bwo.  Nkusaba kulw'amaanyi Go, mwe wakuumira abagalwa Bo okuva eri abagyemu n'abanyoomi, abanyigiriza, era nababi abaabula okuva Gyoli, onkuume kulw'ekisa Kyo n'obuyambi Bwo.  Onyambe nate, okudda mu maka gange obulungi, kulw'amaanyi Go, n'obuyinza Bwo.  Ggwe mu mazima Oli wa buyinza, Omuyambi mu kabi, Eyemalirira.

Also in: af, az, bg, bi, bn, bs, ca, cy, da, de, dgz, el, en, eo, es, fa, fj, fr, gil, ha, hi, hr, ht, hy, hz, id, is, it, kl, kn, lv, ml, nl, pl, pt, ro, ru, sr, srn, sv, tl, ur, zh-Hant

BH00009GRA

Ngolokose enkya ya leero lwa kisa Kyo, Ayi Katonda wange, era nvuddemumaka gange nga nesigira ddala Ggwe, era nga newaddeyo mu mikono gyo okunkuuma.  Bwotyo okuva mu ggulu ly'ekisa kyo, ompereze omukisa oguva Gyoti, era onsobozese okudda eka mu mirembe nga bw'onsobozeseza okuvaayo mu bukuumi bwo, ebirowoozo byange byonna nga mbitadde mu Ggwe. Tewali Katonda mulala wabula Ggwe wekka, Omu, Atagerageranyizibwa, Amanyi byonna, Asinga bonna amagezi.

Also in: af, az, bg, bi, bn, bs, ca, ch, cy, da, de, el, en, eo, es, et, fi, fr, haw, ht, hu, hz, id, is, it, kl, kl, lb, lv, mg, mh, ml, mn, ms, mt, ne, nl, no, ny, pap, pl, pt, ro, sk, sl, srn, st, sv, sw, tl, uk, ur, zh-Hant

## Marriage

BH03181

> Mu ndagaano y' obufumbo, Olunyiriri, olwatulwa, omuntu kin'omu, kwe kugamba, nti, omugole omukazi n'omugole, omusaja nga waliwo n'abajulirwa babiri nga bano bakirizibbwa akakiiko ka Local Assembly, zirambikiddwa bulungi mu Kitabo Ekisingira Ddala obutukuvu, Kitab-i-Aqdas, nti:

*"Ddala ddala fenna tunakola nga ebyo Katonda byayagala".

Ekitiibwa kibe Gyoli Ayi Katonda wange, ddala ddala omuddu wo ono n'omuzaana wo ono, bakungaanidde wansi w'ekisiikirize eky'okusaasira Kwo, era bagatiddwa wamu olw'ekisa Kyo n'okwagala Kwo.  Ayi Mukama!  Obayambe munsi eno, ne mu Bwakabaka Bwo, era obategekere buli kalungi konna nga oyita mu kisa Kyo ne mu kwagala Kwo.  Ayi Mukama!  Bakakase mu buweereza Bwo, era bayambe mu kukuwereza.  Bakirize okufuuka obubonero obw'erinnya Lyo munsi yo, era obakuume mu Kwagala Kwo okutaggwawo, munsi eno n'eyo egenda okugya.  Ayi Mukama! Begayirira obwakabaka obw'ekisa Kyo, era bakoowoola obwakabaka bw'obumu Bwo. Ddala ddala bafumbiriganiddwa nga bagoberera etteeka Lyo.  Bafuule akabonero ak'okukiriziganya n'okwegatta okutuusa ku nkomerero.  Ddala ddala Ggwe Ayinza Byona, Ggwe ali Buli Asingira ddala amaanyi.

Also in: am, ar, bs, de, el, en, et, gil, ha, is, kgf, lv, mg, ml, mt, pt, ro, ru, sk, tl, tpi

## Martyrdom of the Báb

BH00155WOU

ESSALA EMPAVU ETTEEKWA OKUSOMEBWA

Esomwa omulundi gumu mu saawa abirimu nnya.

Buli ayagala okusoma essaala eno ayimirire akyukire Katonda, era bwaba nga ayimiridde, bwatyo atunule ku dyo ne ku kkono nga alinga alindirira ekisa kya Mukamawe, Asinga bonna ekisa, era Omusaasizi:

Ayatule nti:

Ayi Ggwe Mukama ow'amannya gonna era Omutonzi w'eggulu! Nkwegayirira olwabo Ensulo ez'olunaku wenono yo ekutalabika, Ggwe agulumizibwa ennyo, nyini kitiibwa kyonna, okufuula essaala zange omuliro ogunayokya entimbe ezindobera okulaba obulungi Bwo, era eketangaala ekirinkulembera okuntuusa mu nnyanja y'okubeerawo Kwo.

Olwo ayimuse emikono gye nga yegayirira Katonda - Aweebwe omukisa era Agulumizibwe, era ayatule nti: Ayi Ggwe Eyegombebwa ensi era Omwagalwa w'amawanga gonna! Ggwe ondaba ddala nga nkyukidde gyooli, era nga negye ku birala byonna wabula Ggwe, era nga nenyosezeza ku luwuzi Lwo olunyenya, bwe gunyenya, ebitonde byoona ne biyuguuma.  Nze ndi muwereza Wo, Ayi Mukama wange, era omwana w'omuwereza Wo.  Laba nyimiridde nga neteeseteese okukola Ggwe ky'oyagala era ky'osiima, era nga setaaga kirala kyonna wabula essanyu Lyo eddungi.  Nkwegayirira kulw'ennyanja y'okusaasira Kwo n'omunyenye eye kisa Kyo okukozesa abaddu Bo nga bw'oyagala era nga bwosiima.  Kulw'amannyi Go agatayogerekeka era agataytendeka! Ekyo kyonna kyoyolesa kwekwagamba kw'omutima gwange era kwe kusiima kw'omwoyo gwange.  Ayi Katonda, Katonda

wange!  Totunuulira kusuubira kwange newankubadde ebikolwa byange naye tunulira okusiima Kwo okubunye eggulu n'ensi. Kulw'erinya Lyo erisinga amannya gonna, Ayi Ggwe Mukama w'amawanga gonna! Negomba ekyo kyoka Ggwe ky'osiima era njagala ekyo Ggwe kyoka gwe'ky'oyagala.

Awo afukamire avvuname nga ekyenyi kye kiri ku ttaka ayatule nti:

Oliwattendo nnyo okusinga okunnyonyola kw'omuntu yenna wabula Ggwe, era okutegeera kw'omulala yena okugyako Ggwe.

Olwo ayimirire ayatule nti;

Fuula essaala yange, Ayi Mukama wange, ensulo y'amazzi ag'obulamu olwo ndyoke mpangaale nga Obwakabaka Bwo bwe buliwangaala era akwatule mu buli nsi eyensi Zo.

Olwo addemu ayimuse emikono gye ng'awanjagira Katonda, aYatule nti:

Ayi Ggwe mukukwawukana Ko emitima n'emyoyo mwegigwerimu amaanyi, era mu muliro gw'okwagala kwo ensi yonna mwekoleledde oluyiira n'ebengeya! Nkwegayirira kulw'erinya Lyo eriwangudde ensi yonna, oleme kunyima ekyo ekiri Nawe, Ayi Ggwe afuga abantu bonna! Ggwe olaba, Ayi Mukama wange, omugwira ono nga yeyuna okutuka mu makaage agasingira ddala ettendo wansi w'ekisikirize ky'Obwakabaka Bwo, era kumulirano gwo okusaasira kwo, omwononyi ono, nga anoonya ennyanja y'okusaasira Kwo, era omwetoddaze ono, okutuuka mu mbuga y'ekitiibwa Kyo; Omunkuseere ono mubuggaga Bwo.  Obuyinza Bubwo okulagira nga bw'oyagala.  Mpa obujuluzi nti otekeddwa okutenderezebwa mu bikolwa Byo, era okugonderwa mu biragiro Byo, n'okusigala nga tokugirwa mukulagira Kwo.

Olwo ayimirire, ayimuse emikono gye waggulu, addingane emirundi essatu erinya erisingira ddala eryekitiibwa (Alláh-u- Abhá! Katonda yasinga bonna ekitiibwa) ate akutame nga emikono agitade ku mavivi ge mu maaso ga katonda - aweereddwa omukisa er'agulumizibwa – Ayatule nti :

Ggwe olaba, Ayi Katonda wange, nga emeeme yange etunduga mu nze, era mu kufaabiina kwaayo okukujukira n'okukutendereza. Nga eyayanira okukujukira n'okukugulumiza, era olaba bwekakasa ebyo olulimi olw'okulagira Kwo bye lukakasiza, mu bwakabaka bw'ebigambo Byo, era ne mu ggulu ly'okumanya Kwo. Njagala mu mbeera eno, Ayi Mukama wange, okukusaba ebyo byonna ebiri Naawe, ndyoke njolese obwavu bwange, ngulumize obugabi Bwo n'obuggaga Bwo, nangirire obuteesobola bwange, era njolese Okusobola Kwo n'obuyinza Bwo.

Olwo ayimirire, ayimuse emikono gye emirundi ebiri waggulu nga awanjagira omutonzi we ayatule nti: Tewali Katonda mulala wabula Ggwe, Ayinza byonna, Omugabi wa byonna. Tewali Katonda mulala wabula Ggwe, omulagizi alagira ku ntandikwa ate ne ku nkomerero.  Ayi Katonda, Katonda wange!  Okusonyiwa Kwo kumpadde obuvumu era n'ekisa Kyo kimpadde amaanyi era n'okukowola Kwo

kunzuukusiza, era n'ekisa Kyo kinkulembedde nekintuuza Gyoli. Nze ani singa tekiri bwekityo, eyandyanganze okwesimba ku wankaaki w'ekibuga okyokubeera okumpi nawe, era okutunuza amaaso gange eri ekitangaala ekyaaka okuva mu ggulu ly'okwagala Kwo? Ggwe olaba, Ayi Mukama wange ekitonde kino ekirema nga kikonkona ku lugi lwekisa Kyo, omwoyo guno ogugwaawo nga gunonya omugga ogwa mazzi ag'obulamu obutagwawo okuva mu ngalo zo ezigabirira. Okulagira kukwo ekiseera kyonna, Ayi Ggwe mukama ow'amanya gonna, era okwange, kwe kukugondera era n'okwetowaliza okusiima kwo, Ayi Ggwe omutonzi w'eggulu!

Ate olwo ayimuse emikono gye, emirundi essatu, ayatule nti:

Katonda wakitiibwa nnyo okusinga owekibibwa omulala yenna!

Olwo afukamire, era avuname nga ekyenyi kye kiri ku ttaka, ayatule nti:

Oli mugulumivu nnyo okusinga okutendereza kwabo abali okumpi Nawe gyekuyinza okwambuka mu ggulu ly'okubeeera okumpi nawe, wadde emitima gyabo abewaddeyo gyoli okutuuka ku luggi lw'eggulu Lyo. Mpa obujulirwa nti ggwe watukuzibwa okusinga ebitukuvu byona byonna, era olimutukuvu okusinga amanya gonna. Tewali Katonda mulala wabula Ggwe, agulumizibwa ennyo,

Awo atuule wansi ayatule nti:

Mpa obujulizi kwekyo ebitonde byonna byebiwadeeko obujulizi, era neKibiina Kyabo abali waggulu, era nababeera eyo mu lusuku Lwo, oluli waggulu ennyo, ate okussukka ku bo, Olulimi Olwe Kitiibwa lwenyini, okuva mu bwengula obusingira ddala, kitiibwa nti Ggwe Katonda, nti tewali Katonda mulala wabula Ggwe, nti era n'oyo ayoleseddwa yewa magero omu kusike, akabonero ak'omuwendo, era Muye, enukuta, Ez'ekiragiro Eky'obutonzi B ne E (Wabeewo) mwezayungibwa era n'ezirukibwa wamu. Nkakasa nti yoyo erinya lye eryaweerezebwa wangi nakafumu k'Oyo ali wagulu ennyo, era Ayogerwako mu Bitabo bya Katonda, Mukama owa Nnamulondo ey'omuggulu, n'ekunsi.

Olwo oyimirire butengerera ayatule nti:

Ayi Mukama ow'ebitonde byonna era Nnanyini w'ebintu byonna ebirabika nebitarabika! Ggwe olaba amaziga gange, n'ebikkowe byenzisa, era owulira okukaaba kwange, n'okusinda era n'okukuba ebiwoobe kwange era nokwaziirana kw'omutima gwange. Olwamaanyi Go! Okwonona kwange kungaanye okusembera okumpi Nawe; era nebibi byange binkumiide wala okuva kuluja lwobutukirivu Bwo. Okwagala Kwo, Ayi Mukama wange, kungaggawazza, ate okwawu kana Ko ku nzi kirizza, era okubeera ewala okuva wali kumazewo. Nkwegayirira olwe enswagiro Zo mu ddungu lino, era olw'ebigambo; "Nze nzuuno, Nze Nzuuno" Abalonde Bo bye bogeredde mubwa guuga bensi eno, era ne kulw'omukka gw'okubikulirwa Kwo, n'empewo enteefu, ezamakya g'okubikulirwa Kwo, olagire nsobole okulaba ku bulungi Bwo, nokukuuma ebyo byonna ebiri mu Kitabo Kyo.

Olwo addingane Erinya Erisinga Ekitiibwa, (Alláh-u-Abhá!) emirundi essatu, akutame nga emikono gikute ku mavivi, ayatule nti:

Ettendo libe gyoli, Ayi Katonda wange, kubanga Onyambye okukujjukira n'okukutendereza, era omanyisiza Oyo ensibuko y'obubonero Bwo, nokuvuunama mumaso g'obwo Bukama Bwo era nokwetowaliza mumaaso g'ObwaKatonda Bwo, era n’okukkiriza ekyo ekyatuddwa Olulimi Lwo olw'ekitiibwa.

Olwo asitukke, ayatule nti:

Ayi Katonda, Katonda wange! Omugongo gwange gugoomye gwewese olw’omugugu gw'ebibi byange, era obutafaayo bwange bunzikkirizza. Bulilw'endowooza Byonoono byange ebingi n'obulungi Bwo, omutima gwange guzirika munda yange, n'omusaayi ne gwesera mu misuwa gyange. Kulw'obulungi Bwo Ayi Ggwe Ayegombebwa ensi! Nkwatibwa ensonyi okuyimusa amaaso gange gyoli, era emikono gyange egiyayaana giswata ekwegolovera eri eggulu ery'[/ekisakyo/ Kugaba Kwo/ Bugabibwa]. Ggwe olaba Ayi Katonda wange, nga amaziga gange bweganziyiza okukujjukira Gwe era n'okutedereza ebirungi Byo. Ayi Ggwe Mukama wa Nnamulondo eri waggulu mu ne kunsi wansi! Nkwegayirira Gwe olw'obubonero bw'obwakabaka Bwo era n'ebyamagero eby'amatwale Go okukolera abagalwa Bo, nga ekisakyo bwekigwanidde, Ayi Mukama ow'ebitonde byonna, era asaanidde ekisakye, Ayi Kabaka ow'ebirabika n'ebitalabika.

Olwo ate addemu Erinya ery'ekitiibwa (Alláh-u-Abhá!) emi rundi essatu, afukamire ng 'avvunnamye wansi, ayatule nti:

Ettendo libe Gyoli Ayi Mukama waffe. Nga Ggwe eyatuweereza ekyo ekitusobozesa okusembera okumpi Nawe, era atuwa buli birungi byetwetaaga, bye watuweereza kunsi mu Bitabo Byo era ne mu Byawandiikibwa Byo. Tukuume, tukwegayiridde Gwe Mukama wange, okuva ku ggye ekyobulagajjavu nokulowoorereza okutarimu. Ggwe, mu mazima oli wabuyinza, Amanyi byonna.

Olwo ayimuse omutwe gwe, atuule wansi, ayatule nti:

Mpa obujulirizi, Ayi Katonda wange, kwekyo abalonde Bo kyebajulira, era nzikiriza ekyo abantu bomu lusuku lwa Katonda oli waggulu ennyo, era nabo abetoolodde Nnamulondo y'oBuyinza Bwo bye byebakkiriza. Obwakabaka bw'ensi neggulu buBwo, Ayi Ggwe Mukama owensi zonna!

Also in: en, pt

---

## Martyrs and their families

AB02024

Ye ye Katonda, Ayi Mukama, Katonda wange! Ayi Ggwe omuyambi w'abanafu, omukubagiza w'abanaku, era omununuzi wa bakateyamba abo abakyukira Gyoli. N'obuwombeefu obuyitiridde, nyimusa emikono gyange eri obwakabaka bw'obulungi

Bwo, nga nkukowoola n'omutima gwange gwonna, nga ngamba nti; Ayi Katonda, Katonda wange! Nyamba okukwagala, onyongere amaanyi mu kukuwereza, era onfuule omuvumu mu buwereza bwange Gyoli; onyambe onywereze mu kugondera amateeka Go, onjiweko omukisa Gwo omulungi, teka amaaso Go ag'okwagala n'ekisa, gantunuulire, era onyinyike mu nnyanja y'okusonyiwa Kwo. Nyamba okunywera mu Nzikiriza yo. Era ompe ekigera ekijuvu. Ekitabusibwa busibwa Onkakase negye kuby'ensi era ebirowoozo byange byonna mbimalire ku Ggwe, nywezebwe amaanyi g'okukakasibwa Kwo, era n'obujulirwa Bwo, nyambazibwe ekitiibwa n'obuyinza, mpite mu buli kitundu ky'eggulu n'ensi. Ddala ddala, Ggwe Oli musaasizi, Ggwe Oli wa Kitiibwa Kyonna, Oli wa Kisa. Ayi Mukama! Bano be ba kawonawo b'abajulizi Bo, ekibinja ky'emyoyo egiweieeddwa omukisa. Bagumidde obulumi bwonna era ne balaga obuguminkiriza nga bayisibwa mu butali bwenkanya obuyitiridde. Beerekereza eddembe n'ebirungi, era ne bakiriza okulumwa n'okubonaabona mu kkubo ly'okwagata Kwo, era nga bakyali basibe mu jjiribwa n'okubonyabonyezebwa abalabe baabwe, abo abongera okubaliisa akakanja, era nga babakaabya akayirigombe, kubanga batambulira mu kkubo Lyo eggolokofu. Tewali mulala ayinza okubayamba era tewali mulala ayinza okubalaga omukwano, nga ojeeko abo abanyoomebwa eraababi. Tewali mulala ayinza okubegattako wadde okwogera nabo. Ayi Mukama! Emyoyo gino gileze ku bibonyobonyo by'obulamu obwo munsi munno, nga akabonero akalaga okwagala kwagyo eri okwakayakana kw'obulungi Bwo, era n'okwesunga okutuuka mu bwakabaka Bwo obwomu ggulu. Giguminkiriza okujoogebwa abantu abajoozi kwebagituusizaako. Ayi Mukama jjuza amatu gaabwe, n'ennyiriri z'obuyambi Bwo obutukuvu, era n'obuwanguzi Bwo obwamangu, era obasumulule okubajja mu nvuba z'abalabe bano abamaanyi. Bajjeeko emikono gyo'mutabe, era toleka myoyo gino kutaagulwataagulwa manyo na njala ez'ensolo zino enkambwe kubanga bano basibe mu kwagala Kwo, era bakwasibbwa ebyamagero eby'obutukuvu Bwo, bayimirira n'obuwombeefu mu maaso Go, era batuuka ku buggwe Wo omutukuvu. Ayi Mukama! Kulw'ekisa Kyo, banyweze n'omwoyo omugya; basobozese okulaba ebyamagero Byo eby'ekyewunyo mu kizikiza eky'ekiro, obategekere ebirungi eby'omujjirano ebiri mu bwakabaka Bwo obw'ebyamagero eby'olubeerera. Obafuule nga emmunyenye ez'akayakana buli wantu, emiti emigimu egirembedde ebibala, nga amatabi gagyo ganyenyezebwa empewo ezoku makya. Ddala ddala, Ggwe Oli Mugabi, Ggwe Oli wa maanyi, Ayinza byonna, Atakugirwa. Tewali Katonda mulala wabula Ggwe, Katonda ow'okwagala, n'ekisa ekingi, Nnyini kitiibwa, Asonyiwa bulijjo.

Also in: ar, bg, ca, cy, da, de, en, es, fr, ha, ht, iba, it, ja, kn, kn, nl, pl, pt, ur

## Morning

BH00009SHE

Ngolokokedde mu bukuumi Bwo, Ayi Katonda wange, era nga kimugwanidde oyo anonya obukuumi Bwo, okunyweerera mu kifo Kyo ekitukuvu, ky'Okuuma, era mu kigo Kyo ekikuumibwa.  Osanyuse omutima gwange Ayi Mukama, n'okumasa-masa kw'omusana gw'okubikulirwa Kwo, era nga bw'ewasanyusa obulamu bwange n'omusana ogw'okunkya ogw'okusiima Kwo.

Also in: af, ar, az, be, bg, bi, bn, bs, ca, ch, cnr, cy, da, de, diu, el, en, eo, es, et, fi, fr, fy, gil, gil, hr, ht, hu, hz, id, ik, is, kj, kl, kl, kn, ky, lb, mg, ml, mt, naq, ne, nl, no, ny, pl, pt, ro, ru, se, sk, sne, sne, sq, srn, st, sv, sw, tl, tpi, tvl, vi

## Nearness to God

BB00556

Ettendo libe gyoli Ayi Mukama!  Otusonyiwe ebibi byaffe.  Otukwatirwe ekisa, era otusobozese okudda gyoli.  Tuyambe obutesigama ku mulala Yenna wabula Ggwe.  Era otuyiweko, nga oyita mu mukisa Gwo, ekyo Ggwe kyoyagala era Ggwe kyosiima, ekyo kyennyini, ekikusaanira.  Ogulumize ekifo kyabo abakukiririzaamu, era obasonyiwe kulw'ekisa eky'obusaasizi Bwo. Ddala ddala, Ggwe Muyambi mukabi, Eyemalirira.

Also in: ar, az, bs, ca, el, en, es, et, ht, hy, iba, id, is, it, kl, ml, mt, nl, pl, pt, ru, sk, ta, tk, uk, zh-Hant

BBU0015

Ayi Katonda, Katonda wange!  Ggwe oli ssuubi lyange, era omwagalwa wange, Ekigendererwa kyange ekisingira ddala era okwegomba kwange okusingira ddala. N'obwetowaze obusuffu, n'okukusinziza ddala, nkusaba onfuule nga omunaala ogw'okwagala Kwo mu nsi Zo, nga etabaaza ey'okumanya Kwo mu bitonde Byo, nga ebendera y'omukisa Gwo omutukuvu mu Bwakabaka Bwo.  Ombalire mu bawereza Bo abegye ku birala byonna wabula Ggwe, abetukuzza, okuva ku bintu by'ensi eby'oluwunguko, era nebesamba amaloboozi gabo abogera ebitaliimu nsa.  Omutima gwange gubugaanye essanyu, nga oyita mu mwoyo ogw'okukakasibwa mu bwakabaka Bwo, era osanyuse amaaso gange nga galaba bamalayika Bo abayambi obutasalako, nga bakka gyendi, okuva mu Bwakabaka bw'ekitiibwa ky'amaanyi Go. Ggwe mu mazima ddala Oli wamaanyi, Nnyini kitiibwa kyonna, Ayinza byonna.

Also in: az, bn, ca, ceb, ceb, cy, el, en, eo, es, eu, fa, fr, ht, iba, ko, mg, ml, mn, nl, pl, sm, sm, sq, tk, tvl, uk, zh-Hans, zh-Hant, zh-Hant

AB06012

Ye Musaasizi, Omugabi wa byonna.  Ayi Katonda, Katonda wange!  Ggwe ondaba Ggwe omanyi, Ggwe oli kiddukiro kyange era obubudamo bwange.  Tewali n'omu gwenali nonyeza era tewali nomugwendinonya okujjako Ggwe.  Tewali kkubo nelimu lyenali mpiseemu era tewaliba kkubo lyendiyitamu wabula ekkubo ery'okwagala Kwo.  Mu kkiro eky'akazigizigi eky'obutasuubira, eriiso lyange likyuse nga lijjudde okusuubira emambya ey'okukwatiirwa Kwo ekisa, mu ssaawa ey'omumattuluttulu, omwoyo gwange ogukenenye gufuna endasi era ne guddamu amaanyi mu kujjukira obulungi

Bwo n'obutukirivu Bwo.  Oyo obulungi obw'ekisa Kyo gw'ebuYamba, n'ewankubadde nga alinganga ettondo, alifuuka ennyanja etalinako kkoma.  Ate akantu akasirikitu, akayambibwa okufukirirwa kw'okwagala Kwo, kalimasamasa nga emmunyenye eyakayakana. Omuddu Wo ono gw'omulisizza muwe obubuddamo n'okukuuma Kwo, Ayi Ggwe omwoyo omutukuvu; Ggwe mugabi w'emikisa gyonna.  Muyambe munsi eno ey'abalamu, okubeera omugumu era omunyweevu mu kwagala Kwo era ojiwe ennyonyi Yo eno emmenyefu y'ekiwawatiro, efune obubuddamo n'obuddukiro mu kisu Kyo Ekitukuvu ekiri ku muti ogw'ettendo ogwo mu ggulu.

Also in: af, bg, bi, ca, da, de, el, en, eo, es, fa, fr, gu, ht, is, it, ko, lv, med, mn, ms, ne, nl, no, no, ny, pl, pt, ro, sk, sq, sv, tet, th, tl, tpi

## Praise and Gratitude

BH03111

Ayi Katonda wange, nkusaba kulw'erinya Lyo erisingira ddala ekitiibwa, onyambe mw'ebyo ebinaleetera emirimu gy'abaddu Bo okugenda mu maaso, era n'ebibuga Byo, okukulakulana.  Ggwe mu mazima oli na obuyinza kubintu byonna.

Also in: af, ar, ca, da, de, el, en, eo, es, fr, gil, ha, ht, hu, hz, is, it, kj, kj, kj, kl, lb, lv, ml, nl, pl, pt, ro, sk, sm, st, tl

## Protection

AB00001SHI

Ayi Katonda, Katonda wange!  Kugira abaagalwa bo, okuva ku ndowooza embi, n'okwegomba.  Obakuume n'amaaso g'ekisa ky'okwagala Kwo okuva mu bukyayi, ettima era n'obugya. Obakuumire mu kigo kyo ekigumu era ekinyweevu, okuva mu busaale obw'okubuusabuusa.  Bafuule aboolesa obubonero Bwo obw'ekitiibwa. Sanyusa amaaso gabwe, n'omusana ogwaka okuva ku njuba ey'obumu Bwo obutukuvu, osanyuse emitima gyabwe n'enyiriri ezayolesebwa okuva mu bwakabaka Bwo.  Onyweeze ebimyu byabwe n'amaanyi Go agatanyenyezebwa, agava mu Bwakabaka Bwo obw'ekitiibwa.  Ggwe Oli mugabi wa byonna, Omukuumi, Ow'amaanyi, ow'ekisa.

Also in: af, az, bg, bi, ca, ch, da, de, el, en, eo, eo, es, fa, fr, ht, hy, hz, iba, is, it, kj, kn, ky, ky, lv, mg, ml, nl, no, pl, pt, ro, sm, sm, sne, sne, sne, sne, sne, sq, st, sv, ta, tl, tvl

AB07759

Ayi Katonda, Omwoyo gwange oguzeemu endasi era ogusanyuse.  Tukuza omutima gwange.  Omulise emmeeme yange.  Nteeka ensonga zange zonna mu mikono Gyo. Ggwe mukulembeze wange wange era ekidukiro kyange.  Sijja kuddayo kuba munyiikaavu, era omuyinike; nja kubeera wa ssanyu era eyesiima.  Ayi Katonda, sikyaddayo kubeera ajjudde okwerarikirira, wadde okuleka emitawaana okunteganya.  Sijja kweteeka ku bintu byansi ebitasanyusa. Ayi Katonda, Ggwe Oli wa kisa gyendi okusinga Nze bwe nnyinza okwekwatirwa ekisa.  Newerayo ddala Gyoli, Ayi Mukama.

## Ridván

BH02198

ESSALA EY'ETTEEKA EY'EKIGERO

Esomwa buti lunaku, kumakya, mutuntu n'akawungeezi.

Buli ayagala okusoma essala eno, anaabe emikono gye, era nga anaaba ayatule nti:

Omukono gwange guwe amaanyi Ayi Katonda wange, gusobole okuwanirira Ekitabo Kyo n'obuvumu, olwo ebintu byonna eby'ensi bireme okuba n'obuyinza gyeguli. Gukuume bwegutyo guleme okwetumikiriza okukwata ku bitali byaagwo. Ddaladdala, Ggwe oli w'Amanyi, Asingira ddala obuyinza.

Ate bwaba nga anaaba mu maaso ge,ayatule nti:

Nkyusizza obwenyi bwange eri Ggwe Ayi Mukama wange! Bwakize ekitangaala ky'amaaso Go, Bukuume, buleme okukyukira omulala yenna wabula Ggwe.

Bwamala ekyo ayimirire, era akyusize amaaso ge eri ekifo ekitukuvu ekye Bahji Akká, ayatule nti:

Katonda akakasa nti tewali Katonda mulala wabula Ye yekka. Obwakabaka Bwe bwebw'okwo-lesebwa n'obutonzi. Bibye mu mazima ye yayolesa oyo entandikwa, yokwolesebwa eyayogerera ku. lusozi Sinayi, nga mu Ye, olukungirizi lw'eggulu ery'ekitiibwa, mwe lwayakayakanira, era n'omuti omutukuvu ogutayitwako mw'egwayogerera, era mu Ye, mwemwalangirirwa, eri abo abali mu guulu ne kunsi. “Laba Nnyini byonna azze. Eggulu n'ensi, Ekitiibwa n'Obwakabaka bya Katonda, Mukama Ow'abantu bonna, era nanyini Nnamulondo ey'omuggulu ne ku nsi!”

Era akutame nga akutte ku mavivi, ayatule nti:

Oli wattendo nnyo era Ossukulumye okusinga bwenyinza okukutendereza n'okutendereza kwabo abali okumpi nange, era n'okusinga bwenyinza okunnyonyola, wadde n'abo abali mu ggulu era n'abo abali ku nsi bwe bayinza okunyonyola. Olwo ayimirire nga ayanjuluzza engalozze n'ebibatu bye nga biri mu maaso g'ekyenyi kye, ayatule nti: Tolebula Ayi Katonda wange, oyo eyekutte n'engalo ezegayirira, ku mukugiro gw'okusaasira Kwo n'ekisa Kyo, Ayi Ggwe, mubalaga ekisa, Asinga bonna ekisa.

Olwo atuule wanni, ayatule nti:

Mpa obujulizi ku bumu Bwo, n'obwa namunigina Bwo, nti Ggwe Katonda, era nti tewali Katonda mulala wabula Ggwe. Ddala ddala, Ggwe wenyini wabikula enzikiriza Yo, watuukiriza endagaano Yo, era n'oggulawo olujji lw'emikisa Gyo, eri abo bonna ababeera mu ggulu ne kunsi. Emikisa n'emirembe, okulamusa n'ekitiibwa bibeera eri abagalwa Bo, emikisa n'enkyukakyuka z'ensi be bitaziyizanga kukyukira Gyoli, era

abawaddeyo ebyabwe byonna nga basuubira okufuna ekyo ekiri Gyoli. Mu mazima Ggwe bulijjo oli musonyiyi, era Omugabi wa byonna.

Singa omuntu yenna alondawo okuddamu ebigambo binno wamanga mu kifo ky'okusoma ennyiriri empanvu ezo: "Katonda akakasa nti tewali Katonda mulalu wabula Ye Yekka, Omuyambi mu kabi, eyemaririra". Kibakimala alondawo okuddamu ebigambo bino wamanga nga atudde wansi; “Mpa obujulizi ku bumu Bwo n'obwa namunigina Bwo, era nti Ggwe Katonda, tewali Katonda mulala okugyako Ggwe wekka".

Also in: af, ar, az, en, fa, fr, fy, ht, hu, is, lv, ml, mt, pt

## Short Obligatory Prayer

BH11209

ESSALA EY'ETTEEKA ENYIMPI

Essala ey'etteeka enyimpimpi esomwa omulundi gumu buli lunaku wakati we tuntu nenjuba ngegwa. Mpa obulizi, Ayi Katonda wange, nti Gwe wantonda okuKumanya n’okukusinza. Nkakasiza ddala, mu kaseera kano, obutesobola bwange era no buyinza Bwo, obwavu bwange ku buggaga Bwo. Tewali Katonda mulala wabula Ggwe, Omuyambi mu kabi, Eyemaririra.

*"Essala ez'etteeka ezisomwa buli lunaku, ziri satu... Omukkiriza wa ddembe okulondawo nga bwayagala, emu ku satu, naye alagirwa mu teeka, okusoma emu kuzo, era nga atukiriza obulombolombo bwayo ugigenderako". *“Okunaaba emikono, nemumaaso, mbykwetegekera okusaba, nokutunula oludda Lwensonda [ oyokusingzu/okusuuta] (Bahji, Akka, Holyland, (Qiblih)) byetaagp bya nkalakkalira ebyokwatula essaala ezetteeka.” *"Ku makya, mu mattuntu, n'akawungezi ebyogerwako mu saala ez'eteeka, biteegeeza etteeka wakatiwobuddenga busasaana, okutuusa mu tuntu, okuva mu tuntu okutuusa akawungeezi, n'okuvaakawungeezi okutuusa nga wayise wo essaawa bbiri nga enjuba emaze okuggwa".

Also in: af, am, apm, ar, az, be, bg, bi, bs, ca, chn, co, cr, cr, cy, da, dak, de, dgz, dih, diu, el, en, eo, es, fa, fi, fj, fo, fr, fy, gil, ha, haw, ho, ht, hu, hur, hz, hz, iba, id, ik, is, it, ja, kiw, kl, km, kn, ksd, lb, lkt, lkt, lkt, lt, lv, med, meu, meu, mg, mh, mi, ml, moh, moh, mt, nal, naq, ne, nl, no, nv, nv, ny, oj, oj, pap, pl, pot, pt, ro, ru, se, shs, shs, sk, sne, sq, srn, srn, sv, sw, ta, te, th, thp, tl, tpi, tvl, ur

## Spiritual Assembly

AB04620

Essaala eno, esomwa okugalawo olukungaana lw'ekibiina Ky'omwoyo.

Ayi Katonda! Ayi Katonda! Okuva mu bw'aKabaka bw'obumu Bwo, tutunulire ffe ab'akungaanye mu lukungaana luno, olw'omwoyo, nga tukiriza mu Ggwe, nga tulina obwesige mu bubonero Bwo, ab'anyweevu m u Ndagaano n'eddaame Lyo, nga tusembezebwa gyooli, aga twaaka n'omuliro gw'okwagala Kwo, era nga tuli ba

mazima mu Ddiini Yo. Tuli bawereza Bo mu lusuku Lwo olw'emizabibu, ababunya Eddiini Yo, ab'akusinza abawombeefu, ab'akugondera mu maaso g'oluji Lwo, nga tukwegayirira okutukkakasa mu buwereza Bwo, mu bantu Bo abalonde. Otuyambe ne bamalayika Bo, ab'atalabika. Nyweza ebimyu byaffe mu buwereza Bwo era otufuule abantu Bo abawulize abakusuuta nga tunyumya naawe. Ayi Katonda waffe! Tuli banafu, Ggwe Oli w'amaanyi, Ow'obuyinza Tuli Bafu, era Ggwe Oli Omwoyo Ogw'ekitiibwa oguwa obulamu! Tuli betaavu, naye Ggwe atuwa byetwetaaga era ow'amaanyi! Ayi Mukama waffe! Amaaso gaffe gakyuse gatunuulire obwenyi Bwo, obw'obwakabaka; otuliise okuva ku meeza Yo eyo mu Ggulu, n'ekisa Kyo ekingi; Otuyambe wamu n'ekibiina eky'abamalayika Bo abakulu, era otukakase nga oyita mu batukuvu Bo ab'obwakabaka obwomu ggulu. Ddala ddala, Ggwe Oli Mugabi, atukwatirwa ekisa, Ggwe alina ebirungi byonna, era ddala Oli Musonyiyi, era ow'ekisa.

Also in: af, az, bg, bs, ca, da, de, el, en, es, fi, fr, ht, hu, hy, iba, is, kl, kn, lv, mg, nl, ny, pl, pt, ru, sk, sm, sv, tl, tvl, uk, zh-Hans

---

AB01023SAE

> Bwe mutuuka awakungaanirwa musame essaala eno nga emitima gyamwe gittuja, n'okwagala Kwa Katonda, era n'olulimi olutayatula kirata kyonna wabula okumujjukira, olwo, Nyini buyinza bwonna anabayambo nekisa okutuuka ku buwonguzi.

Ayi Katonda, Katonda wange! Tuli baddu bo, abakyukidde gyoli nga, tukwegayirira, nga twegye ku birala byonna wabula Ggwe, mu lunaku luno, olw'ekitiibwa. Tukungaanidde mu lukungaana luno olwomwoyo, nga tuli bumu mu ndowooza, nga n'ebigendererwa byaffe bye bimu, ebyo ebinaYamba okubunyisa ekigambo kyo mu bantu bo. Ayi Mukama Katonda waffe! Tufuule obubonero obw' okulungamizibwa Kwo okutukuvu, omutindo gw' EnzikirizaYo entukuvu, mu bantu Bo, abawereza Bo mu Ndagaano Yo entukuvu. Ayi Ggwe Mukama waffe Asingira ddala okugulumizibwa, Abalaga obumu Bwo, mu bwakabaka Bwo, era nga emunnyenye ez'akayakanira waggulu w'ebintu byonna. Mukama otuyambe okuba nga ennyanja ezibimba n'amayengo ag'omukisa gwo, agakulukuta okuva mu nsozi zo ez'eyo waggulu ez'ekitiibwa kyona, ebibala ebirungi ebyoku muti ogwomu ggulu, ogunyenyezebwa kulw'empewo z'omulusuku olw'okwagala Kwo, mu nnimiro yo eyomu ggulu. Ayi Katonda! Yamba emyoyo gyaffe okubeera nga gyesigamye ku nnyiri z'obumu Bwo, emitima gyaffe gisanyuse n'ebyo ebiri mu mukisa Gwo, olwo tubeere bumu, nga amayengo ag'ennyanja emu, era twegatte wamu ng'ekitangaala ekiva gyoli; era ebirowoozo byaffe bituukirire mu ngeri yemu nga biraga omwoyo ogw'okubeera obumu mu nsi yonna. Ggwe oli wakisa, Omugabi, Omutonyi, Asingira ddala amaanyi, Alaga ekisa, Omusaasizi.

Also in: af, az, be, bg, bi, ca, cy, da, de, el, en, es, fr, ht, hu, hz, id, is, it, kl, lv, mg, nl, pl, pt, ro, ru, sq, sv, sw, tl

---

AB00774SAB

Mukungaanire wamu, mu ssanyu eritalinaamu nnyike, Olwo ku ntandikwo Y'olukkungaano lwamwe musome essaala eno:

Ayi Ggwe Mukama ow'obwakabaka! Wadde nga emibiri gyaffe gikungaanidde wamu, naye emitima gyaffe, giweddemu ne gitwalibwa okwagala Kwo, era ne tusanyusibwa amaaso Go ag'ekisa. Wadde nga tuli banafu, tulindirira okubikkulirwa amaanyi ag'obuyinza Bwo. Wadde nga tuli bankuseere abatalina kantu wadde akatono, naye era tufuna eby'obugagga, okuva mu mawanika g'obwakabaka Bwo. Wadde nga tuli nga amatondo, naye era tusena okuva mubuziba bw'ennyanja Yo, wadde nga tuli nga obuwojjolo, naye obutangiavu bwaffe, bulabikira mu kitiibwa ekY'omusana Ggwo. Ayi Ggwe omugabirizi, tuwereeza obuyambi Bwo. Olwo buli omu kuffe abakungaanidde wano, afuuke nga ettawaza, buli omu abeere nga ensibuko esikiriza era buli omu afuuke omulangirizi mu bw'akabaka Bwo obw'omuggulu, okutuuka lwetutifuula ensi eno okubeera nga endabirwamu ey'olusuku Lwo olwomu ggulu.

Also in: ar, az, ca, da, de, el, en, es, fr, fy, ht, is, nl, pt, ru, sk, sq, sv

## Spiritual Growth

BH04421HEA

Ayi Mukama! Gyoli Ggwe, gyenoonyeza obubudamo, era omutima gwange gutunuulira obubonero Bwo. Ayi Mukama! Wadde nga ndi mu lugendo, oba waka, newankubadde ku mulimu gwange, oba nga nkakalabya egyange, nteeka obwesige bwange bwonna, mu Ggwe. Ompe obuyambi Bwo, obumala, nsobole okwegya ku birala byonna wabula Ggwe, Ayi Ggwe atasingika kisa! Ompe omugabo gwange, Ayi Mukama, nga Ggwe bw'osiima era onyambe okumatira n'ebyo Ggwe by'ompadde. Obuyinza Bwo bw'ankalakalira.

Also in: af, az, be, bg, bn, bs, ca, cnr, co, cs, da, de, diu, el, en, eo, eo, es, et, fj, fr, fy, gil, gu, ha, hr, ht, hu, hz, iba, iba, is, it, kj, ky, ky, lt, mg, ml, mt, ne, nl, pl, pt, ro, ru, se, se, sm, sne, sne, sq, st, sv, ta, ta, tet, tet, tl, tvl, tvl, tvl

ABU0826WEA

Ayi Mukama! Tuli banafu, tuzzemu amaanYi. AYi Katonda! Tuli babuya, tuwe okumanya. Ayi Mukama, tuli bankuseere, tufuule bagagga. Ayi Katonda tuli bafu, tuzeemu obulamu. Ayi Katonda! Tujjolongeddwa, tufuule ba kitiibwa mu bwakabaka Bwo. Singa otuyamba ffe Ayi Mukama tujja kufuuka nga emmunyenye ezitemagana. Singa totuyamba, olwo tujja kufuuka ba wansi n'okukira ettaka. Ayi Mukama! Tuzeemu amaanyi, Ayi Katonda, tuwe obuwanguzi. Ayi Katonda! Tuyambe okuwangula okwerowoozaako tugobere ddala okwegomba. Ayi Mukama, otugye mu buddu obw'ebintu eby'ensi, otulokole nga oyita mu mukka ogw'omwoyo omutukuvu, bwetutyo tulyoke tusitukiremu okukuwereza, twemalire mu kusinza Ggwe, era tunywerere mu bwakabaka Bwo n'obuwulize obusukiridde. Ayi Mukama! Ggwe Oli wa maanyi, nyi Katonda! Ggwe Oli musonyiyi! Ayi Mukama, Ggwe Oli Musaasizi!

Also in: ch, cnr, en, iba, lt, ne, sw

## Steadfastness

AB00001FIR

Ayi Mukama Katonda wange!  Yambaabagaalwa Bo okunywerera mu Ddini yo; okutambulira mu makubo go; okubeera abanyweevu mu Nzikiriza Yo.  Bawe ekisa Kyo okwewala okululunkana kw'obuntu era n'okwegomba. Bayambe okugoberera omusana ogw'obukulembeze obutukuvu.  Ggwe Oli wa buyinza, Ow'ekisa, Eyemalirira, Omugabi, Omusaasizi, Ayinza byonna, era Omugabi wa Byonna.

Also in: af, az, be, bg, bs, ca, ch, cy, da, de, el, en, eo, es, fa, fr, fy, ho, hr, ht, hu, id, is, it, kl, km, kn, lb, lv, ml, nl, pl, pt, ro, ru, sk, sm, sq, sv, sw, te, tl, vi

## Tablet of Ahmad

BH02022

> Essaala eno esomerwa abo abasussizza emyaka ekumi n'ettano.  Ye ssaala ya Baha'i yokka e'yeteeka esomebwa mu lujjuddee.  Essoomebwa omukiriza omu nga abalala bonna bayimiridde.  Tekyetaagisa kutunula mu nsi ntukuvu [Qjblih] nga essaala eno esomebwa. - Byava mu Kitáb'i'Aqdas –

Ayi Katonda wange!  Ono ye muddu Wo, era omwana w'omuddu wo,akukkiririzaamu, era nemububonero Bwo, akyukidde gyoli nga yegye ku birala byonna wabula Ggwe. Ddala ddala, Ggwe mu balaga ekisa, Ggwe osingira ddala ekisa.

Omusonyiwe, Ayi Ggwe omusonyiyi w'ebyonoono by'abantu bonna, era akisa ebibi byabwe, nga bw'ekisaanira eggulu ly'ekisa Kyo, era ne'nnyanja y'emikisa Gyo. Omukirize okutuuka mu ggulu ly'ekisa Kyo, ekyatiwo nga eggulu n'ensi tebinabaawo. Tewali Katonda mulala wabula Ggwe, Asonyiwa bulijjo, Omugabi wa byonna.

> Olwo addingane emirundi mukaaga okulamusa kuno Alláh-u-Abhá!  Ate emirundi kuminamwenda, buli lunyiriri ku zino eziddirira:

Mazima ffena ddala tusinza Katonda.(x19) Mazima ffena ddala tuvunama mu maaso ga Katonda. ( x19) Mazima ffena ddala twewaddeyo eri Katonda. (x19) Mazima ffena ddala tutendereza Katonda. (x19) Mazima ffena ddala twebaza Katonda. ( x19) Mazima ffena ddala tuli baguminkiriza mu Katonda. ( x19)

*(Omufu bwaba nga mukazi, olwo asoma agambe nti, ono muzaana wo, era omwano w'omuzaana wo, ...)

Also in: af, ar, az, bg, bi, bn, bs, ca, da, de, el, el, en, eo, fa, fi, fj, fo, fr, gil, gu, ha, ht, hu, hy, id, is, it, kl, lv, mg, mr, mt, nal, naq, ne, nl, no, pl, pt, ro, ru, sk, sne, sq, sr, sv, ta, tk, tl, tvl, ur, vi

## Teaching

AB00189AID

Ayi Katonda, Katonda wange!  Yamba abaddu Bo abesigwa okuba n'emitima emikakkamu era egirina okwagala.  Bayambe okubunyisa mu buli ggwanga lyonna ery'ensi ekitangaala ky'okulungamizi bwa Kwo okuva mu kibinja ekyomu ggulu. Ddala ddala, Ggwe Oli wa Maanyi, Ow'obuyinza, Nantamegwa, Afuga byonna, Omugabi butijjo.  Ddala ddala Ggwe Lugaba, Omuteefu, Omukakkamu, Asingira ddala ekisa.

Also in: az, bg, bi, bs, ca, da, el, en, fa, fi, fo, fr, ht, id, is, kl, kn, ml, nl, pl, pt, ro, ru, sl, tl

## Tests and Difficulties

BH05071

Ekitiibwa kibe gyoli, Ayi MukamaKatonda wange!  Tomufeebya oyo gwewa gulumiziza nga oyita mu maanyi ag'obwakabaka Bwo obutagwaawo, era tomusuula wata oyo gwewakirizza okuyingira eweema ey'obutaggwawo Bwo.  Onoomusula muguluka, Ayi Katonda wange, oyo gw'osiikirizza n'obukama Bwo, era on'omugoba okuva Woli, oyo, Ayi Okwegomba kwange, nga Ggwe obaddeobubudamo bwe?  Oyinza okumussa wansi oyo gw'oyimusizza oba okumwerabira oyo Gwewasobozesa okukujukira? Oli wakitiibwa, Ggwe oli wakitiibwa ekiyitiridde!  Ggwe okuva dda nedda, Ggwe Kabaka w'ebitonde byonna era Ggwe abiwa obulamu, era Ggwe emirembe n'emirembe, Ggwe olisigala nga Mukama ow'ebitonde byonna, era Ggwe abitonda. Oli wakitiibwa Ayi Mukama wange!  Singa Ggwe otekeraawo okukwatirwa abaddu Bo ekisa, ani anabalaga ekisa, era singa tobayamba, ani anabayamba? Oli wakitiibwa, Ggwe Oli wakitiibwa ekitayogerekeka!  Ggwe eyegombebwa mu mazima Go, era Ggwetusinza ffena, era Ggwe alaga obwenkanya, era Ggwe tuwaako obujjulizi ffena.  Ggwe mu mazima oyagalibwa olw'emikisa Gyo.  Tewali Katonda mulala wabula Ggwe, Omuyambi mu kabi, Eyemalirira.

Also in: af, ar, bg, bs, ca, da, de, en, es, et, fr, hi, ht, hy, id, is, it, ko, ky, mg, ml, nl, no, pt, ro, ru, sk, tvl, uk, vi

BH09874

> Ayi ggwe anoonya amazima, bwobeera wegomba Katonda okuzibula amoaso go, oteekwa okwegayira Katonda omusabe era nga omwegayirira ettumbi nga ogamba nti:

Ayi Mukama, nkyusiza obwenyi bwange eri obw'akabaka bw'obumu Bwo, era nnenyise mu nnyanja ey'ekisa Kyo.  Ayi Mukama zibula amaaso gange galabe omusana Gwo, mu kiro kino eky'akazigizigi, era onsanyuse n'okwagala Kwo mu mulembe guno ogw'ekitalo.  Ayi Mukama ompulize okuyita Kwo, era oggulewo enzigi z'eggulu Lyo mu maaso gange, bwentyo ndabe omusana ogw'ekitiibwa Kyo era nsikirizibwe obulungi Bwo.  Ddala ddala, Ggwe Awa, Omugabi, Ow'ekisa, Omusonyiyi.

Also in: az, bg, bs, ca, da, de, el, en, es, fr, ha, ht, iba, is, it, lv, ml, nl, pl, pt, ru, sk, sne, sne, sv, tvl, zh-Hans, zh-Hant

BH03629GRI

Malawo obuyinike bwange kulw'ekisa Kyo n'obugabi Bwo, Ayi Katonda wange, era

ogyirewo ddala okulumwa obujjiji, kulw'obuyinza Bwo, n'amaanyi Go.  Ggwe ondabira ddala Ayi Katonda wange, nga amaaso gange ngatunuzza Gyoli, mu kaseera kano, nga obuyinike bunetoolodde ku buli luuyi.  Nkwegayirira, Ayi Ggwe Mukama ow'ebintu byonna, era Asinga ebintu byonna, ebirabika n'ebitalabika, kulw'erinya Lyo mwewafugira emitima n'emyoyo gy'abantu bonna, era n'amayengo g'ennyanja y'okusaasira Kwo, n'ekitiibwa ky'emunnyenye ey'ekisa Kyo, ombalire mwabo abataziyizibwa kintu kyonna okukyusiza obwenyi bwabwe Gyoli, Ayi Ggwe Mukama ow'amanya gonna Eyakola eggulu. Ggwe olabira ddala Ayi Mukama wange, emitawaana egintuuseeko mu naku Zo.  Nkwegayirira kulw'oyo ensibuko y'amanya Go, era emmambya yebikolwa Byo ebirungi, okumpa ebyo, ebinansobozesa okuyimukira mu okukuwereza n'okwatula ebikolwa Byo ebirungi.  Ggwe ddala ddala olina amaanyi gonna, Oli wa Buyinza, Atalemwa kuddamu ssaala z'abantu bonna! Mukufundikira, nkusaba kulw'eki- tangaala ky'amaaso Go, okuwa omukisa byenkola, okusasula amabanja gange, ompe ebyo bt'eneetaaga.  Ggwe ddala, Amaanyi go n'ekitibwa buli lulimi lubiwaako obujjulizi.  Ekitiibwa Kyo n'obwakabaka Bwo, buli mutima ogutegeera gubikkakasa.  Tewali Katonda mulala wabula Ggwe, Awulira, era Omweteefuteefu okwanukula.

Also in: af, az, bg, bn, ca, cs, da, de, el, en, es, fi, fr, ht, hu, hy, iba, id, is, it, kl, ky, lv, mg, mn, mt, nl, no, pl, pt, ro, ru, sk, sv, ta, tl, tvl, uk

---

BB00630

Ayi Mukama, Ggwe ajawo buli nyiike era agoba okulumwa obujiji.  Ggwe ajawo okubonaabona, Ggwe agoba ennaku, era ayimbula buli musibe, atokola buli muddu. Ayi Mukama!  Ndokola kulw'ekisa Kyo, ombalire mu bawereza Bo, abafunye obulokozi.

Also in: az, bg, ca, ceb, ceb, da, de, el, en, eo, es, et, fi, fr, hi, ht, hu, hy, id, is, ja, kl, kn, ko, lb, mh, ml, mn, ms, mt, ne, nl, pl, pt, ro, ru, sk, sl, sne, sne, sne, sq, sr, te, tet, tl, tvl, tvl, uk, zh-Hant

---

BB00018ADJ

Nkwegayirira kulwa'amaanyi Go, Ayi Katonda wange, tokiriza mitawaana kunnumba mu kaseera ak'okukemebwa, era bwemba sifaayo, lungamya ebigere byange n'obutukuvu Bwo.  Ggwe Katonda, olina amaanyi okukola nga bwoyagala. Tewali awakanya kulamula Kwo, oba okulemesa ebigendererwa Byo.

Also in: az, bg, bi, bs, ca, ceb, cy, da, de, el, en, es, fa, fi, fr, hi, ht, hu, hy, id, is, it, kl, kn, mi, ml, mt, nl, pl, pt, ru, se, sk, sl, sq, sr, tet, tl, uk

---

## Unity

BH10505

Mukama wange!  Mukama wange!  Nkutendereza era nkwebaza kubanga okwatiddwa omuzaana wo, omuwembeefu ekisa omuzaana Wo akwegayirira era akuwanjagira, kubanga omulungamiza okutuukamu Bwakabaka Bwo, eran'omuyamba okuwulira

eddoboozi Lyo mu nsi eno, era n'okulaba obubonero Bwo, obukakasa obuwanguzi bw'obufuzi Bwo, eri ebintu byonna. Ayi Mukama wange, nteeka mu mikono gyo, ekyo ekiri mu lubuto lwange.  Kale kiyambe kifuuke omwana ow'ettendo mu bwakabaka Bwo, era afuuke ow'omukisa, okuvaku mukisa Gwo, n'obugabi Bwo; akulire mu buyinza Bwo era n'okuyigiriza Kwo.  Ddala ddala, Ggwe oli wa kisa, Ddala ddala, Ggwe Mukama ow'ekisa ekingi!

Also in: af, bn, bs, ch, chn, chr, co, cs, cy, da, dak, dgz, dih, diu, diu, el, en, eo, et, fj, fo, fr, fy, gu, hi, hi, hr, ht, hur, hur, hy, hz, hz, id, ik, is, it, ja, kl, kn, ko, ko, ksd, lb, lkt, lv, med, med, meu, mh, mi, mic, mic, ml, mn, mn, ms, mt, nal, naq, ne, nl, no, nv, nv, ny, pap, pl, pt, ro, shh, sk, sl, sm, sne, sq, sr, srn, srn, srn, sv, sw, ta, te, th, tk, tl, tpi, tvl, tvl, tvl, tvl, uk, ur, ur, ur, vi, zh-Hans, zh-Hant

---

ABU0023UNI

Ayi Katonda, Ayi Katonda!  Eno yennyonyi emenyefu y'ekiwawatiro, era n'okubuuka kwayo kwa kasoobo - Muyambe okubuuka nga ayolekedde ku ntiko y'obuwanguzi n'obulokozi.  Okubuuka kwe kufuule kwa ssanyu, n'okwesiima okungi ennyo, nga ayita mu banga eritakoma.  Yimusa eddoboozi lye esseenekerevu mu mu linya Lyo ekkulu munsi zonna .  Wuliza amatu n'okukoowoola kuno, amaaso ogasanyuse n'okulaba obubonero obw'obukulembeze!  Ayi Mukama! Ndi bwomu, ndi bwa namunigina, era ndi munaku.  Sirina mubeezi yenna wabula Ggwe.  Tewali muyambi mulala, okujako Ggwe.  Tewali muwanirizi yenna wabula Ggwe.  Onkakase mu buwereza Bwo, onyambe n'ebibiina bya bamalayika Bo.  Nfuula muwanguzi mu kubunyisa ekigambo Kyo, era onzikirize okwogera n'amagezi Go mu bitonde Byo. Ddala ddala, Ggwe muyambi w'abanafu, Omulwanirizi w'abaana abato, era ddala ddala, Oli wa buyinza, Ow'amaanyi, era Atawalirizibwa!

Also in: af, am, ar, az, bg, bi, bs, ca, cs, da, de, el, en, eo, fi, fr, hr, is, it, lv, mg, ml, mt, nl, pt, sk, sne, ta, tl, vi

---

## Women

AB10769

Ayi Mukama wange, Omwagalwa wange, Okwegomba kwange!  Beera mukwano gwange mu kiwuubaalo kyange, era omperekere mu buwanganguse bwange.  Ojjewo ennaku Yange.  Nnyamba okwettanira obulungi Bwo.  Onzigye ku birala byonna wabula Ggwe.  Onsikirize n' obuwoowo bw'obutukuvu Bwo.  Nnyamba okwetaba mu bwakabaka bwo n'abo abegye ku birala byonna wabula Ggwe, abanoonya okuwereza ku kiggwa Kyo ekitukuvu, era abewaayo okuwereza Enzikiriza Yo.  Nnyamba okuba omu ku bazaana Bo abafunye essanyu Lyo eddungi.  Ddala ddala Ggwe Oliwa kisa, omugabi.

Also in: af, az, bg, bi, bs, ca, ch, da, de, el, en, eo, es, fa, fr, hi, hr, ht, hu, is, it, ja, kn, lv, mg, mr, ne, pl, pt, ro, sk, sm, sq, sr, sv, sw, tl, uk, zh-Hans, zh-Hant

---

## Youth

AB00314HOR

Ebigere byaffe obifuule binyweevu mu kubo lyo Ayi Mukama, era onyweze emitima gyaffe mu buwulize Gyoli.  Amaaso gaffe gakyusize eri obulungi bw'obumu Bwo, era osanyuse emmeeme zaffe n'obubonero bw'okwegatta okutukuvu.  Yambaza emibiri gyaffe n'omunagiro gw'emikisa Gyo, era ogyewo olufu olw'ebyonoono mu maaso gaffe, otuwe okunywa ku kikompe ky'omukisa Gwo, Olwo ennono y'ebintu byonna eyimbe ettendo lyo mu masso g'ekitiibwa Kyo.  Otweyoleke Ayi Katonda nga oyita mu bigambo Byo eby'ekisa ekingi; era n'ebyewuunyo by'okubeerawo Kwo okutukuvu.  Olwo essanyu etukuvu eriva mu ssaala lijjuze emitima gyaffe, essaala egende waggutu nnyo, okukira ebigambo n'ennukuta, era okukira amaloboozi n'envuvuumo.  Olwo ebintu byonna bibe nga awatali kantu mu maaso g'okubikkurirwa kwekitangaala Kyo. Mukama! Bano be baddubo abasigadde nga banyereevu mu ndagaano Yo, era n'obukakafu Bwo, abekutte ku wuzi ey'ekitiibwa eri kumunagiro gw'ekitiibwa Kyo Obayambe Ayi Mukama n'ekisa Kyo, Obakakase n'obuyinza Bwo, era onyweeze ebimyu byabwe mu buwulize Gyoli. Ggwe oli Musonyiyi, Ow'ekisa.

Also in: af, az, ca, en, et, ht, is, mg, ml, nl, pl, sv

---

AB10703RAD

Ayi Mukama!  Fuula omuvubuka ono omusanyufu, era osse emikisa Gyo ku kitonde kino ekinaku. Omuwe amagezi era omwongere amaanyi buli makya, era omukuumire mu kisiikirize ky'obukuumi Bwo, olwo alyoke ave ku bikyamu byonna yemalire mu kuweereza Enzikiriza Yo, Alungamye ababuze, akutembere abatalina mikisa, ayimbule abasibe, era azuukuse abatafaayo, olwo bonna bafune omukisa n'okukujukira, n'okukutendereza.  Ggwe oli w'Amaanyi, Ayinza byonna.

Also in: am, az, be, bg, bi, bs, ca, ch, co, cy, da, de, diu, el, en, et, fa, fr, ha, ha, hr, hu, hz, iba, id, is, it, kgf, kj, kn, lb, meu, mg, ml, mt, naq, nl, pap, pl, pt, ro, ru, sk, sm, st, ta, tet, tl, tpi, tvl, vi

---

AB00001FIR

Ayi Mukama Katonda wange!  Yambaabagaalwa Bo okunywerera mu Ddini yo; okutambulira mu makubo go; okubeera abanyweevu mu Nzikiriza Yo.  Bawe ekisa Kyo okwewala okululunkana kw'obuntu era n'okwegomba. Bayambe okugoberera omusana ogw'obukulembeze obutukuvu.  Ggwe Oli wa buyinza, Ow'ekisa, Eyemalirira, Omugabi, Omusaasizi, Ayinza byonna, era Omugabi wa Byonna.

Also in: af, az, be, bg, bs, ca, ch, cy, da, de, el, en, eo, es, fa, fr, fy, ho, hr, ht, hu, id, is, it, kl, km, kn, lb, lv, ml, nl, pl, pt, ro, ru, sk, sm, sq, sv, sw, te, tl, vi

---

AB00001SHI

Ayi Katonda, Katonda wange!  Kugira abaagalwa bo, okuva ku ndowooza embi, n'okwegomba.  Obakuume n'amaaso g'ekisa ky'okwagala Kwo okuva mu bukyayi, ettima era n'obugya. Obakuumire mu kigo kyo ekigumu era ekinyweevu, okuva mu busaale obw'okubuusabuusa.  Bafuule aboolesa obubonero Bwo obw'ekitiibwa. Sanyusa amaaso gabwe, n'omusana ogwaka okuva ku njuba ey'obumu Bwo

obutukuvu, osanyuse emitima gyabwe n'enyiriri ezayolesebwa okuva mu bwakabaka Bwo. Onyweeze ebimyu byabwe n'amaanyi Go agatanyenyezebwa, agava mu Bwakabaka Bwo obw'ekitiibwa. Ggwe Oli mugabi wa byonna, Omukuumi, Ow'amaanyi, ow'ekisa.

Also in: af, az, bg, bi, ca, ch, da, de, el, en, eo, eo, es, fa, fr, ht, hy, hz, iba, is, it, kj, kn, ky, ky, lv, mg, ml, nl, no, pl, pt, ro, sm, sm, sne, sne, sne, sne, sne, sq, st, sv, ta, tl, tvl

---

AB00005ATT

Ayi Katonda, Onkulembere, Onkuume, Onfuule ettala n'emunyenye eby'akayakana. Ggwe Oliw'Amaanyi, era ow'Obuyinza.

Also in: et, is, ml, sq

---

AB00065STE

Ayi Mukama wange era essuubilwange! Yamba abagalwa bo okubaabanywevu mu Ndagaano Yoey'amaanyi, babeere bamazima muNzikiriza Yo, era batuukirizeamateeka Go nga bwebagawandiika mu Kitabo ky'ekitangaata Kyo; Bafuuke bendera elungamya, era ettabaaza z'abatuuze b'eyo waggulu, enkuluze z'amagezi Go agatakoma, era emmunyenye ezirungamya obutuufu, nga bwezaaka okuva mu bwengula obusingira ddala. Ddala ddala, Ggwe towakanyizibwa, Oli w'amaanyi, Oliwa buyinza.

Also in: az, bg, bs, ca, da, el, en, eo, es, fa, fr, hr, ht, hu, is, kiw, kn, mg, ml, mt, nl, pl, pt, ro, ru, sk, sv, tl, ur

---

AB00169BEH

Ayi Katonda wange era Mukama wange! Negyekubange, era nga mpita mu Ggwe, noonya okwegya ku bonna ababeera munsi. Bulijjo mbeere mweteefuteefu okufuna ekyo ekitenderezebwa mu maaso Go. Mbunduggulaako ebirungi ebinanzigya ku kirala kyonna wabula Ggwe, era ompe omugabo ogwemala, okuva ku migabo Gyo egitakoma. Ddala ddala Ggwe Mukama Ow'omukisa Ogutakugirwa.

Also in: ar, ca, el, en, en, es, is, it, kl, lv, mg, ml, nl, pl, pt, sk, sl

---

AB00189AID

Ayi Katonda, Katonda wange! Yamba abaddu Bo abesigwa okuba n'emitima emikakkamu era egirina okwagala. Bayambe okubunyisa mu buli ggwanga lyonna ery'ensi ekitangaala ky'okulungamizi bwa Kwo okuva mu kibinja ekyomu ggulu. Ddala ddala, Ggwe Oli wa Maanyi, Ow'obuyinza, Nantamegwa, Afuga byonna, Omugabi butijjo. Ddala ddala Ggwe Lugaba, Omuteefu, Omukakkamu, Asingira ddala ekisa.

Also in: az, bg, bi, bs, ca, da, el, en, fa, fi, fo, fr, ht, id, is, kl, kn, ml, nl, pl, pt, ro, ru, sl, tl

---

AB00204PIT

Ayi Ggwe Omutukuvu atugabira by'etwetaga tujudde okunyolwa otusasire. Tubungeta, tuwe w'etwewagama. Tusasanye otugatte wamu. Tubuze otukunganye wamu mukisibo Kyo. Abatalina kantu otuwe omugabo Gwo. Abayonta, otunywese okuva ku nsulo ez'amazzi Go agobulamu; abanafu, otuwe amaanyi tusobole okuyimukiramu

okuyamba enzikiriza Yo, tulyoke tweweyo nga sadaaka mu kkubo ly'okulungamizibwa Kwo.

Also in: bs, el, en, es, eu, hu, hy, is, kn, mg, pt, sne, sq

---

AB00218

Ayi Ggwe Katonda atagerageranyizibwa!  Ayi Ggwe Mukama ow'obwakabaka! Emyoyo gino lye gye.  Lyo elyomu ggulu.  Giyambe era awamu ne bamalayika Bo abomu ggulu, bafuule bawanguzi; buli omu kubo, afuuke nga egye, era awangule ensi zino nga ayita mu kwagala kwa Katonda n'okutangaazibwa kw'enjigiriza entukuvu. Ayi Katonda!  Beera omuwanirizi wabwe era omuyambi wabwe.  Mu nkoola, mu nsozi mu biwonvu, mu bibira, mu nsenyi, era ne ku nnyanja, beera obwesige bwabwe balyoke bogerere waggulu mu buyinza bw'obwakabaka.  Bwo era ne mu mukka ogw'Omwoyo.  Omutukuvu Ddala ddala. Ggwe Oli wa Buyinza, Owa Maanyi, Ayinza byonna, Oli wa Magezi, Awulira era Alaba.

Also in: ceb, es, fi, fj, hi, hi, hy, iba, ko, ky, lb, lb, lo, mn, pt, pt, sm, sq, sv, ta, ta, th, uk, vi

---

AB00314HOR

Ebigere byaffe obifuule binyweevu mu kubo lyo Ayi Mukama, era onyweze emitima gyaffe mu buwulize Gyoli.  Amaaso gaffe gakyusize eri obulungi bw'obumu Bwo, era osanyuse emmeeme zaffe n'obubonero bw'okwegatta okutukuvu.  Yambaza emibiri gyaffe n'omunagiro gw'emikisa Gyo, era ogyewo olufu olw'ebyonoono mu maaso gaffe, otuwe okunywa ku kikompe ky'omukisa Gwo, Olwo ennono y'ebintu byonna eyimbe ettendo lyo mu masso g'ekitiibwa Kyo.  Otweyoleke Ayi Katonda nga oyita mu bigambo Byo eby'ekisa ekingi; era n'ebyewuunyo by'okubeerawo Kwo okutukuvu.  Olwo essanyu etukuvu eriva mu ssaala lijjuze emitima gyaffe, essaala egende waggutu nnyo, okukira ebigambo n'ennukuta, era okukira amaloboozi n'envuvuumo.  Olwo ebintu byonna bibe nga awatali kantu mu maaso g'okubikkurirwa kwekitangaala Kyo. Mukama! Bano be baddubo abasigadde nga banyereevu mu ndagaano Yo, era n'obukakafu Bwo, abekutte ku wuzi ey'ekitiibwa eri kumunagiro gw'ekitiibwa Kyo Obayambe Ayi Mukama n'ekisa Kyo, Obakakase n'obuyinza Bwo, era onyweeze ebimyu byabwe mu buwulize Gyoli. Ggwe oli Musonyiyi, Ow'ekisa.

Also in: af, az, ca, en, et, ht, is, mg, ml, nl, pl, sv

---

AB00362FUN

Abagalwa ba Katonda bateekwa okuwaayo mu nsawo y'enzikiriza ne bwe kaba katono katya.  Katondo takema mwoyo gwonna, okusinga nga gwo bwe guyinza okusobola. Okuwaayo kuno, kulina okuva mu buli kitundu, ne mu bakkiriza bonna.  Ayi Mwe abagalwa ba Katonda!  Mukakasibwa nti mu kifo  ky'ebiweebwayo byamwe bino eby' obulimi byamwe, eby'amakolero n'eby'obusuubuzi byamwe bija kuweebwa omukisa era bijja kweyongera emirundi bufukunya,n'ebirabo Bye ebirungi n'emikisa Gye.  Oyo agya n'ekikolwa ekirungi ekimu, ofuna ebirungi kumi.  Tewali kubuusabuusa nti

Mukama ow' obulamu aja kunyweeza abo abawaayo eby'obugagga byabwe, mu Kkubo Lye.

Also in: az, bg, ca, da, es, fr, hi

---

AB00388

Ayi Ggwe omugabirizi Ow'ekisa!  Olukungaana luno lujudde abagalwa Bo abo abasikiriziddwa obulungi bwo, era bakolezebbwa omuliro gw'okwagala Kwo.  Emyoyo gino gifuule nga bamalayika Bo abo mu ggulu.  Obawe obulamu nga oyita mu mpewo z'omwoyo omutukuvu, obafuule abagezi abalina emitima emimalirivu.  Obawe amaanyi agomu ggulu, era n'ekisa n'okutegeera.  Bafuule ababunyisa obumu obw'abantu bonna mu bantu Bo era ensibuko ey'okwagala n'okwegata mu nsi. Nawookeera w'obutamanya n'okusosolagana biggwerewo ddala nga biyita mu Musaana ogw'amazima.  Ensi eno embi, efune omusana ogw'ensi ey'omwoyo, langi ez'enjawulo zifuuke nga langi emu, olwo eddoboozi ery'ettendo liyimusibwe eri obwakabaka obw'obutuukirivu Bwo.

Also in: hi, sq

---

AB00774SAB

> Mukungaanire wamu, mu ssanyu eritalinaamu nnyike, Olwo ku ntandikwo
> Y'olukkungaano lwamwe musome essaala eno:

Ayi Ggwe Mukama ow'obwakabaka!  Wadde nga emibiri gyaffe gikungaanidde wamu, naye emitima gyaffe, giweddemu ne gitwalibwa okwagala Kwo, era ne tusanyusibwa amaaso Go ag'ekisa.  Wadde nga tuli banafu, tulindirira okubikkulirwa amaanyi ag'obuyinza Bwo.  Wadde nga tuli bankuseere abatalina kantu wadde akatono, naye era tufuna eby'obugagga, okuva mu mawanika g'obwakabaka Bwo.  Wadde nga tuli nga amatondo, naye era tusena okuva mubuziba bw'ennyanja Yo, wadde nga tuli nga obuwojjolo, naye obutangiavu bwaffe, bulabikira mu kitiibwa ekY'omusana Ggwo. Ayi Ggwe omugabirizi, tuwereeza obuyambi Bwo.  Olwo buli omu kuffe abakungaanidde wano, afuuke nga  ettawaza, buli omu abeere nga ensibuko esikiriza era buli omu afuuke omulangirizi mu bw'akabaka Bwo obw'omuggulu, okutuuka lwetutifuula ensi eno okubeera nga endabirwamu ey'olusuku Lwo olwomu ggulu.

Also in: ar, az, ca, da, de, el, en, es, fr, fy, ht, is, nl, pt, ru, sk, sq, sv

---

AB00787SPL

Ayi Katonda, Katonda wange!  Omuzaana Wo ono akukowoola nga akwesiga, nga akyusiriza ekyenyi kye Gyoli, nga akwegayirira omufukeko emikisa Gyo egyomu ggulu era omubikkulire ebi rungi Byo eby'omwoyo, era omumulisize omusana ogw'obwakatonda Bwo.  Ayi Mukama wange!  Ozibule amaaso ga baze wange. Osanyuse omutima gwe n'amagezi g'okukumanya, ebirowoozo bye obize kw'ebyo ebikusanyusa, sanyusa omwoyo gwe, nga omubikulira omusana Gwoogw'ekitiibwa. Ayi Mukama wange!  Ogyewo ekifuKu maaso ge, Omuyiweko omukisa gwo,

omunywese omubisi gw'okwagala Kwo, Omufuule nga omu ku bamalayika Bo, wadde nga batambulira kunsi, naye nga emyoyo gyabwe gyebulungurira mu ggulu. Omuyambe okuba nga ettaala eyekayakana, nga eyaka n'omusana ogw'amagezi Go mu bantu Bo.  Ddala ddala, Ggwe oli wa muwendo, Omugabi bulijjo, Lugaba.

Also in: bg, bn, ca, en, fr, hy, is, it, nl, pl, pt, ta, tl, tvl

---

AB01023SAE

> Bwe mutuuka awakungaanirwa musame essaala eno nga emitima gyamwe gittuja, n'okwagala Kwa Katonda, era n'olulimi olutayatula kirata kyonna wabula okumujjukira, olwo, Nyini buyinza bwonna anabayambo nekisa okutuuka ku buwonguzi.

Ayi Katonda, Katonda wange!  Tuli baddu bo, abakyukidde gyoli nga, tukwegayirira, nga twegye ku birala byonna wabula Ggwe, mu lunaku luno, olw'ekitiibwa. Tukungaanidde mu lukungaana luno olwomwoyo, nga tuli bumu mu ndowooza, nga n'ebigendererwa byaffe bye bimu, ebyo ebinaYamba okubunyisa ekigambo kyo mu bantu bo.  Ayi Mukama Katonda waffe!  Tufuule obubonero obw' okulungamizibwa Kwo okutukuvu, omutindo gw' EnzikirizaYo entukuvu, mu bantu Bo, abawereza Bo mu Ndagaano Yo entukuvu.  Ayi Ggwe Mukama waffe Asingira ddala okugulumizibwa, Abalaga obumu Bwo, mu bwakabaka Bwo, era nga emunnyenye ez'akayakanira waggulu w'ebintu byonna. Mukama otuyambe okuba nga ennyanja ezibimba n'amayengo ag'omukisa gwo, agakulukuta okuva mu nsozi zo ez'eyo waggulu ez'ekitiibwa kyona, ebibala ebirungi ebyoku muti ogwomu ggulu, ogunyenyezebwa kulw'empewo z'omulusuku olw'okwagala Kwo, mu nnimiro yo eyomu ggulu.  Ayi Katonda!  Yamba emyoyo gyaffe okubeera nga gyesigamye ku nnyiri z'obumu Bwo, emitima gyaffe gisanyuse n'ebyo ebiri mu mukisa Gwo, olwo tubeere bumu, nga amayengo ag'ennyanja emu, era twegatte wamu ng'ekitangaala ekiva gyoli; era ebirowoozo byaffe bituukirire mu ngeri yemu nga biraga omwoyo ogw'okubeera obumu mu nsi yonna. Ggwe oli wakisa, Omugabi, Omutonyi, Asingira ddala amaanyi, Alaga ekisa, Omusaasizi.

Also in: af, az, be, bg, bi, ca, cy, da, de, el, en, es, fr, ht, hu, hz, id, is, it, kl, lv, mg, nl, pl, pt, ro, ru, sq, sv, sw, tl

---

AB02000

Ayi Mukama!  Mu mutembe guno ogusingira ddala, gyonna , Okirizza abaana okw'egayiririra bakadde babwe. Kino ky'ekimu ku birabo eby'enjawulo eby'omumulembe gunno.  Kale bw'ekityo, Ayi Ggwe Mukama ow'ekisa, kiriza okusaba kw'omuddu wo ono, ku mufuubeeto gw'obumu Bwo, onyike kitaawe mu nnyanja y'ekisa Kyo, kubanga omwana ono ayimukiddemu okukuwereza, era akola butaweera, buli kadde, mu kkubo ly'okwagala Kwo.  Ddala ddala Ggwe Oli Mugabi, Omusonyiyi, era Ow'ekisa!

Also in: ceb, hi, hy, ja, ko, mn, sm, sv, th, uk, zh-Hans

---

Ye ye Katonda, Ayi Mukama, Katonda wange!  Ayi Ggwe omuyambi w'abanafu, omukubagiza w'abanaku, era omununuzi wa bakateyamba abo abakyukira Gyoli. N'obuwombeefu obuyitiridde, nyimusa emikono gyange eri obwakabaka bw'obulungi Bwo, nga nkukowoola n'omutima gwange gwonna, nga ngamba nti; Ayi Katonda, Katonda wange!  Nyamba okukwagala, onyongere amaanyi mu kukuwereza, era onfuule omuvumu mu buwereza bwange Gyoli; onyambe onywereze mu kugondera amateeka Go, onjiweko omukisa Gwo omulungi, teka amaaso Go ag'okwagala n'ekisa, gantunuulire, era onyinyike mu nnyanja y'okusonyiwa Kwo.  Nyamba okunywera mu Nzikiriza yo.  Era ompe ekigera ekijuvu. Ekitabusibwa busibwa Onkakase negye kuby'ensi era ebirowoozo byange byonna mbimalire ku Ggwe, nywezebwe amaanyi g'okukakasibwa Kwo, era n'obujulirwa Bwo, nyambazibwe ekitiibwa n'obuyinza, mpite mu buli kitundu ky'eggulu n'ensi.  Ddala ddala, Ggwe Oli musaasizi, Ggwe Oli wa Kitiibwa Kyonna, Oli wa Kisa. Ayi Mukama!  Bano be ba kawonawo b'abajulizi Bo, ekibinja ky'emyoyo egiweieeddwa omukisa.  Bagumidde obulumi bwonna era ne balaga obuguminkiriza nga bayisibwa mu butali bwenkanya obuyitiridde. Beerekereza eddembe n'ebirungi, era ne bakiriza okulumwa n'okubonaabona mu kkubo ly'okwagata Kwo, era nga bakyali basibe mu jjiribwa n'okubonyabonyezebwa abalabe baabwe, abo abongera okubaliisa akakanja, era nga babakaabya akayirigombe, kubanga batambulira mu kkubo Lyo eggolokofu.  Tewali mulala ayinza okubayamba era tewali mulala ayinza okubalaga omukwano, nga ojeeko abo abanyoomebwa eraababi.  Tewali mulala ayinza okubegattako wadde okwogera nabo. Ayi Mukama!  Emyoyo gino gileze ku bibonyobonyo by'obulamu obwo munsi munno, nga akabonero akalaga okwagala kwagyo eri okwakayakana kw'obulungi Bwo, era n'okwesunga okutuuka mu bwakabaka Bwo obwomu ggulu.  Giguminkiriza okujoogebwa abantu abajoozi kwebagituusizaako. Ayi Mukama jjuza amatu gaabwe, n'ennyiriri z'obuyambi Bwo obutukuvu, era n'obuwanguzi Bwo obwamangu, era obasumulule okubajja mu nvuba z'abalabe bano abamaanyi.  Bajjeeko emikono gyo'mutabe, era toleka myoyo gino kutaagulwataagulwa manyo na njala ez'ensolo zino enkambwe kubanga bano basibe mu kwagala Kwo, era bakwasibbwa ebyamagero eby'obutukuvu Bwo, bayimirira n'obuwombeefu mu maaso Go, era batuuka ku buggwe Wo omutukuvu. Ayi Mukama!  Kulw'ekisa Kyo, banyweze n'omwoyo omugya; basobozese okulaba ebyamagero Byo eby'ekyewunyo mu kizikiza eky'ekiro, obategekere ebirungi eby'omujjirano ebiri mu bwakabaka Bwo obw'ebyamagero eby'olubeerera.  Obafuule nga emmunyenye ez'akayakana buli wantu, emiti emigimu egirembedde ebibala, nga amatabi gagyo ganyenyezebwa empewo ezoku makya. Ddala ddala, Ggwe Oli Mugabi, Ggwe Oli wa maanyi, Ayinza byonna, Atakugirwa. Tewali Katonda mulala wabula Ggwe, Katonda ow'okwagala, n'ekisa ekingi, Nnyini kitiibwa, Asonyiwa bulijjo.

Also in: ar, bg, ca, cy, da, de, en, es, fr, ha, ht, iba, it, ja, kn, kn, nl, pl, pt, ur

AB02304TST

*...Okwejusa ebibi n'ebyonono eri abantu, tekiki rizibwa... Omwonoonyi alina okuda eri Katonda we, olwo n'awanjagira ekisa, ky'Oyo, nnyini nnyanja ey'ekisa, n'asaba ekusonyiyibwa okuva mu Ggulu ly'obugobi bwe, ayatule nti: Ayi Katonda wange, Ayi Katonda wange! Nkwegayirira kulw'omusaayi gw'abagalwa Bo, abesigwa, abo abasanyusibwa ennyo, ebigambo Byo, olwo ne beyunira ku ntiko y'ekitiibwa Kyo, mu kifo ky'obujulizi obusingira ddala ekitiibwa, era nkwegayirira kulw'ebyewunyo ebikwekeddwa mu magezi Go ag'omuwendo agali mu nnyanja ey'ekisa Kyo onsonyiwe ebyonoono byange, osonyiwe ne kitange wange ne mange. Mw'abo abalaga ekisa, Mu mazima Ggwe osingira ddala ekisa. Tewali Katonda mulala wabula Ggwe, Asonyiwa bulijjo, Asingira ddala ekisa. Ayi Mukama! Ggwe olabira ddala omwonoonyi ono nga akyukidde eri ennyanja y'ekisa Kyo, era omunafu ono nga anoonya Obwakabaka bw'amaanyi g'obutukuvu Bwo, era omunkuseere ono nga anuuka okutunuulira omusana gw'obugagga Bwo. Kulw'ekisa Kyo n'omukisa Gwo, tomusubya mukisa Gwo Ayi Mukama, wadde okumugaana okutuuka ku kubikkulirwa kw'obulungi Bwo, mu lunaku Lwo, oba okumugoba ku mulyango Gwo, ogwo Ggwe gw'oggudde, eri abo ababeera mu Ggulu Lyo ne Kunsi Yo. Woowe! Woowe! Ebibi byange bingaanye okutuuka mu mbuga ey'obutukuvu Bwo, era ebyonono byange bimbuziza ne ngenda wala okuva ku weema ey'obwakabaka Bwo. Nkoze ekyo Ggwe kye wangaana okukola, era, ne nteeka ku bbali, ekyo Ggwe kye wandagira okutuukiriza. Nkusaba kulw'Oyo Mukama ow'Amannya gonna, ompandikire n'akafumo ak'omukisa Gwo, ekyo ekinanyamba okutuuka okumpi Nawe, era n'okunkokoolamu ebyonoono byange, ebyekiika wakati wange n'okusaalira Kwo n'okusonyiwa Kwo. Ddala ddala, Ggwe oti wa maanyi, Omugabi. Tewali Katonda mulala wabula Ggwe, Ayinza byonna, ow'ekisa.

Also in: ar, bn, bs, cy, de, en, eu, fa, ht, id, is, kl, lt, ml, nl, no, pl, ro, wam

AB02342AWA

Ayi Katonda omusaasizi! Nkwebaza olw'okunzukusa era n'onfuula atageera. Ompadde eriiso eriraba, era n'ompa n'okutu okuwulira. Ontute mu bwakabaka Bwo era onkulembedde mu kubo Lyo. Ggwe ondaze ekkubo etuufu, era n'onyamba okuyingira mu Kyombo ky'okutokolebwa. Ayi Katonda! Onkuume obutasagasagana ate ongumye era onyambe okuba omunyweevu. Onkuume okuva eri ebikemo eby'amaanyi, era onywereze mu kigo Kyo ekinyweevu eky'amaanyi, eky'Endagaano Yo n'eddaame Lyo. Ggwe Oli wa buyinza, Ggwe Alaba, era Ggwe Awulira. Ayi Ggwe Katonda omusaasizi! Ontonere omutima ogufanana ng'endabirwamu, oguyinza okutemagana n'omusana ogw'okwagala Kwo, era ompe ebirowoozo ebiyinza okukyusa ensi eno okugifuula olusuku olulungi olw'ebimuli nga oyita mu kugaba Kwo okw'omwoyo n'ekisa. Ggwe Oli Musaasizi, Ow'ekisa, Ggwe Katonda Asingira ddala

obugabi.

Also in: af, ar, az, bg, bn, ca, da, el, en, eo, es, fr, fy, is, it, lv, mg, mh, nl, pl, pt, ro, ru, sk, sq, sv, tl, zh-Hant

---

AB04004

Ayi Katonda! Omwana ono omuto mulerere mu kwagala kwo era omugabirire amabeere agava mu bbeere ly'obwakatonda Bwo. Simbaekisimbe kino ekijja mu nnimiro yo ey'ebimuli by'okwagala Kwo era okikuze n'oluwandagirize oluva mu bire by'ekisa kyo. Mufuule omwana ow'Obwakaka Bwo, era omukulembere okutuuka mu bw'akabaka Bwo obw'omu Ggulu. Ddala ddala Ggwe oli wa buyinza, era Ow'ekisa! Ggwe oli Mugabi, Omutonyi, era Ow'ekisa ekitagerageranyizibwa.

Also in: diu, fi, fj, hz, ko, mn, no, sq, ta, th, zh-Hans, zh-Hans, zh-Hant

---

AB04620

Essaala eno, esomwa okugalawo olukungaana lw'ekibiina Ky'omwoyo.

Ayi Katonda! Ayi Katonda! Okuva mu bw'aKabaka bw'obumu Bwo, tutunulire ffe ab'akungaanye mu lukungaana luno, olw'omwoyo, nga tukiriza mu Ggwe, nga tulina obwesige mu bubonero Bwo, ab'anyweevu m u Ndagaano n'eddaame Lyo, nga tusembezebwa gyooli, aga twaaka n'omuliro gw'okwagala Kwo, era nga tuli ba mazima mu Ddiini Yo. Tuli bawereza Bo mu lusuku Lwo olw'emizabibu, ababunya Eddiini Yo, ab'akusinza abawombeefu, ab'akugondera mu maaso g'oluji Lwo, nga tukwegayirira okutukkakasa mu buwereza Bwo, mu bantu Bo abalonde. Otuyambe ne bamalayika Bo, ab'atalabika. Nyweza ebimyu byaffe mu buwereza Bwo era otufuule abantu Bo abawulize abakusuuta nga tunyumya naawe. Ayi Katonda waffe! Tuli banafu, Ggwe Oli w'amaanyi, Ow'obuyinza Tuli Bafu, era Ggwe Oli Omwoyo Ogw'ekitiibwa oguwa obulamu! Tuli betaavu, naye Ggwe atuwa byetwetaaga era ow'amaanyi! Ayi Mukama waffe! Amaaso gaffe gakyuse gatunuulire obwenyi Bwo, obw'obwakabaka; otuliise okuva ku meeza Yo eyo mu Ggulu, n'ekisa Kyo ekingi; Otuyambe wamu n'ekibiina eky'abamalayika Bo abakulu, era otukakase nga oyita mu batukuvu Bo ab'obwakabaka obwomu ggulu. Ddala ddala, Ggwe Oli Mugabi, atukwatirwa ekisa, Ggwe alina ebirungi byonna, era ddala Oli Musonyiyi, era ow'ekisa.

Also in: af, az, bg, bs, ca, da, de, el, en, es, fi, fr, ht, hu, hy, iba, is, kl, kn, lv, mg, nl, ny, pl, pt, ru, sk, sm, sv, tl, tvl, uk, zh-Hans

---

AB05430

Ayi Katonda wange, Mukama wange, ekigendererwa kyange era okw'egomba kwange! Omuddu wo ono, anoonya okuwumulira mu kisiikirize ky'ekisa Kyo era n'okwebakira wansi wa weema ey'ekisa Kyo nga yegayirira obukuumi Bwo n'okulabirira Kwo. Nkusaba Ayi Mukama wange, kulw'eriiso Lyo eritabongoota, okuume amaaso gange obutatunuulira kirala kyonna wabula Ggwe. Gafuule mooji gasobole okw'ekaliriza obubonero Bwo, n'okutegeera omulembe gw'okubikkulirwa Kwo. Ggwe nga okubikkulirwa kwonna okw'amaanyi tekunabaawo, Abasingira ddala amaanyi

bayuguuma ku lw'amaanyi Go. Tewali Katonda mulala wabula Ggwe, Ow'amaanyi, Asinga bonna, Atakugirwa.

Also in: id, ja, sr

---

AB06012

Ye Musaasizi, Omugabi wa byonna.  Ayi Katonda, Katonda wange!  Ggwe ondaba Ggwe omanyi, Ggwe oli kiddukiro kyange era obubudamo bwange.  Tewali n'omu gwenali nonyeza era tewali nomugwendinonya okujjako Ggwe.  Tewali kkubo nelimu lyenali mpiseemu era tewaliba kkubo lyendiyitamu wabula ekkubo ery'okwagala Kwo.  Mu kkiro eky'akazigizigi eky'obutasuubira, eriiso lyange likyuse nga lijjudde okusuubira emambya ey'okukwatiirwa Kwo ekisa, mu ssaawa ey'omumattuluttulu, omwoyo gwange ogukenenye gufuna endasi era ne guddamu amaanyi mu kujjukira obulungi Bwo n'obutukirivu Bwo.  Oyo obulungi obw'ekisa Kyo gw'ebuYamba, n'ewankubadde nga alinganga ettondo, alifuuka ennyanja etalinako kkoma.  Ate akantu akasirikitu, akayambibwa okufukiririrwa kw'okwagala Kwo, kalimasamasa nga emmunyenye eyakayakana. Omuddu Wo ono gw'omulisizza muwe obubuddamo n'okukuuma Kwo, Ayi Ggwe omwoyo omutukuvu; Ggwe mugabi w'emikisa gyonna.  Muyambe munsi eno ey'abalamu, okubeera omugumu era omunyweevu mu kwagala Kwo era ojiwe ennyonyi Yo eno emmenyefu y'ekiwawatiro, efune obubuddamo n'obuddukiro mu kisu Kyo Ekitukuvu ekiri ku muti ogw'ettendo ogwo mu ggulu.

Also in: af, bg, bi, ca, da, de, el, en, eo, es, fa, fr, gu, ht, is, it, ko, lv, med, mn, ms, ne, nl, no, no, ny, pl, pt, ro, sk, sq, sv, tet, th, tl, tpi

---

AB07759

Ayi Katonda, Omwoyo gwange oguzeemu endasi era ogusanyuse.  Tukuza omutima gwange.  Omulise emmeeme yange.  Nteeka ensonga zange zonna mu mikono Gyo.  Ggwe mukulembeze wange wange era ekidukiro kyange.  Sijja kuddayo kuba munyiikaavu, era omuyinike; nja kubeera wa ssanyu era eyesiima.  Ayi Katonda, sikyaddayo kubeera ajjudde okwerarikirira, wadde okuleka emitawaana okunteganya.  Sijja kweteeka ku bintu byansi ebitasanyusa. Ayi Katonda, Ggwe Oli wa kisa gyendi okusinga Nze bwe nnyinza okwekwatirwa ekisa.  Newerayo ddala Gyoli, Ayi Mukama.

Also in: af, az, bg, ca, ceb, ceb, ceb, da, de, el, en, eo, es, fi, fr, gu, ht, hu, hy, iba, is, it, kl, kn, ky, lb, lo, mg, ml, ne, nl, ny, pl, ro, ru, sm, sq, sr, st, tl, tvl, uk

---

AB08704NEW

Ayi Katonda! Tuli banafu, otuzeemu endasi.  Tulu bankuseere, otuwe omugabo Gwo ogutagwawo.  Tulibalwadde otuwe okuwonya Kwo okuttukuvu.  Tuli ngajaba, tuwe amaanyi Go amatukuvu agomu ggulu.  Ayi Mukama, tufuule ba mugaso mu nsi eno. Tusumulule mu mbeera ey'okwerowoozaako n'okwegomba.  Ayi Katonda, tunyweeze mu mukwagala Kwo, era otuyambe okwagala abantu bonna.  Otukakase mu kuweereza abantu b'ensi eno, tusobobole okufuuka abawereza b'abawereza Bo, twagale ebitonde Byo byonna, tube basaasizi eri abantu bonna. Ayi Mukama! Ggwe oli

wa buyinza!  Oli wa kisa! Ggwe Asonyiwa bulijjo!  Ggwe Ayinza byonna.

Also in: bs, en, is, it, lb, mt, no, tvl

---

AB10703RAD

Ayi Mukama!  Fuula omuvubuka ono omusanyufu, era osse emikisa Gyo ku kitonde kino ekinaku. Omuwe amagezi era omwongere amaanyi buli makya, era omukuumire mu kisiikirize ky'obukuumi Bwo, olwo alyoke ave ku bikyamu byonna yemalire mu kuweereza Enzikiriza Yo, Alungamye ababuze, akutembere abatalina mikisa, ayimbule abasibe, era azuukuse abatafaayo, olwo bonna bafune omukisa n'okukujukira, n'okukutendereza.  Ggwe oli w'Amaanyi, Ayinza byonna.

Also in: am, az, be, bg, bi, bs, ca, ch, co, cy, da, de, diu, el, en, et, fa, fr, ha, ha, hr, hu, hz, iba, id, is, it, kgf, kj, kn, lb, meu, mg, ml, mt, naq, nl, pap, pl, pt, ro, ru, sk, sm, st, ta, tet, tl, tpi, tvl, vi

---

AB10714

Ayi Ggwe Mukama ow'ekisa!  Abaanabano abatungi gye mirimugy'emikono Gyo, era obubonerobw'ettendo Lyo. Ayi Katonda!  Kuuma abaana bano kulwekisa Kyo, bayambe bayigirizibwe, era obayambe okuba abawereza, eri ensi.  Ayi Katonda! Abaana ge mayinja ag'omuwendo, bayambe bakulire mu bigo eby'ekisa ky'okwagala kwo.  Ggwe Nnanyini mikisa, Ayagala Bonna.

Also in: az, be, bg, bs, ca, da, el, en, es, es, fa, fr, gil, ht, hu, hy, id, is, ja, kl, ky, lt, med, ml, mn, naq, nl, pl, pt, ro, ru, sk, sq, sw, ta, ta, tet, th, tl, tvl, zh-Hans, zh-Hant

---

AB10769

Ayi Mukama wange, Omwagalwa wange, Okwegomba kwange!  Beera mukwano gwange mu kiwuubaalo kyange, era omperekere mu buwanganguse bwange.  Ojjewo ennaku Yange.  Nnyamba okwettanira obulungi Bwo.  Onzigye ku birala byonna wabula Ggwe.  Onsikirize n' obuwoowo bw'obutukuvu Bwo.  Nnyamba okwetaba mu bwakabaka bwo n'abo abegye ku birala byonna wabula Ggwe, abanoonya okuwereza ku kiggwa Kyo ekitukuvu, era abewaayo okuwereza Enzikiriza Yo.  Nnyamba okuba omu ku bazaana Bo abafunye essanyu Lyo eddungi.  Ddala ddala Ggwe Oliwa kisa, omugabi.

Also in: af, az, bg, bi, bs, ca, ch, da, de, el, en, eo, es, fa, fr, hi, hr, ht, hu, is, it, ja, kn, lv, mg, mr, ne, pl, pt, ro, sk, sm, sq, sr, sv, sw, tl, uk, zh-Hans, zh-Hant

---

AB11094

Ayi Katonda wange!  Ayi Ggwe Omusonyiyi w'ebyonoono, Omugabi w'ebirabo, Ajjawo okunyolwa! Ddala ddala nkwegayiridde osonyiwe ebyonono byabo abavudde mu kyambalo kino ekyomubiri, nebagya munsi y'emwoyo. Ayi Mukama wange! Banaazeeko ebyonoono byabwe, omalewo okunyolwa kwabwe, era ekizikiza kyabwe okifuule omusana.  Obayambe okuyingira mu lusuku lw'essanyu Lyo, obatukuze n'amazziamatukuvu era obakirize okulaba ku kumasamasa kw'obulungi Bwo, ku lusozi Lwo, olusingira ddala obugulumivu.

Also in: af, az, bg, bi, bn, bs, ca, ch, cy, da, de, diu, diu, el, en, eo, es, et, eu, fi, fr, fy, gil, hr, hu, hz, id, ik, is, it, ja, kgf, kj, kl,

kn, ko, ky, lv, mg, mh, ml, mr, mt, naq, naq, ne, nl, no, pl, pt, ro, se, sk, sl, sq, srn, st, sv, ta, te, tet, tl, ur

AB11094

Ayi Ggwe Mukama Asonyiwa ebibi! Ggwe ekiddukiro ky'abaddu Bo bonna. Ggwe omanyi ebyaama era otegeera byonna. Tuli banafu era Ggwe Oli wa maanyi, Ayinza byonna. Ffena tuli bonoonyi, era Ggwe Asonyiwa ebyonoono, Ow'ekisa, Omwagazi. Ayi Mukama! Tusaasirenga oyita mu kisa Kyo n'obugabi Bwo. Ebyonoono byaffe bingi, Naye enyannja ey'okusonyiwa Kwo, teriiko koma, Obunafu bwaffe Butuyinze, naye obuyambi Bwo n'okuduukirira Kwo, bibaawo bulijjo. N'olwekyo tunyweeze era otwongere amaanyi. Otuyambe okukola ekyo ekigwanira omufuubeeto Gwo. Osanyuse emitima gyaffe, otuwe amaaso agalaba n'amatu agawulira. Ozuukize abafu era owonye abalwadde. Abankuseeere obagaggawaze, owe emirembe n'obukuumi eri abali mu kutya. Otukirize mu bwakabaka Bwo era otutangaaze n'ekitangaala ky'obukulembeze Bwo. Ggwe oli Mugabi, Oli Musaasizi, Oli wa Kisa.

Also in: af, az, bg, bi, bn, bs, ca, ch, cy, da, de, diu, diu, el, en, eo, es, et, eu, fi, fr, fy, gil, hr, hu, hz, id, ik, is, it, ja, kgf, kj, kl, kn, ko, ky, lv, mg, mh, ml, mr, mt, naq, naq, ne, nl, no, pl, pt, ro, se, sk, sl, sq, srn, st, sv, ta, te, tet, tl, ur

AB11356

Ayi Ggwe Mukama atagerageranyizibwa! Yamba omwana ono ayonka akulire ku mabeere ag'ekisa ky'okwagala Kwo, era omukuumire mu kibaya ky'obukuumi bwo ekinyweevu, omukirize alererwe mu mikono gy'obukuumi Bwo n'okwagala Kwo.

Also in: ar, az, bg, bs, ca, cy, da, de, el, en, es, fa, fr, ht, hu, id, is, kn, ml, mt, mt, nl, pl, pt, ro, sk, sq, srn, sv, tl, vi

ABU0003DIS

Ayi Katonda! Ddala ddala tukunganidde wano mu kawoowo k'okwagala Kwo. Tukyukidde eri obwa Kabaka Bwo. Tewali kirala kyetunoonya, wabula Ggwe, era tetwetaaga kirala kyonna wabula obulungi Bwo. Ofuule emmere eno okuba maanu ava mu ggulu, era oyambe abantu bano abakungaanye, okuba nga abagalwa Bo abomu ggulu. Bafuule ensibuko y'okwagala Kwo, eri oluse lw'abantu. Bafuule emikutu gyoyitamu okulungamya ensi. Ddala ddala Ggwe Oli wamaanyi, Ggwe Oli mugabi, Ggwe Olimusonyi, Ggwe Ayinza byonna.

Also in: az, be, bi, bs, ca, co, cy, cy, da, de, el, en, gil, gil, gil, ht, hu, id, kl, lo, lv, ml, nl, no, pl, pt, ro, ru

ABU0009

> Buli abantu lwe bakungaanira awamu ne batendereza Katonda era neboogera ku matendo Ge, awatalikubuusabuusa, empewo za mwoyo mutukuvu zijja kubafuuwako, era buli omu kubo afuneko omugabo. Abdu’l-Baha

Ayi Ggwe omusaasizi, Ayinza byonna! Emyoyo gino egikungaanidde awamu, gikwegayirira n'obuwombeefu, era n'obwetoowaze, batunulidde eri obwakabaka Bwo, era nga bakusaba okubaddiramu n'okubasonyiwa. Ayi Katonda! Abantu bano bafuule mikwano Gyo. Tukuza emyoyo gino,era obaakize omusana gw'okulungamya Kwo. Tangaaze emitima gyabwe era osanyuse emyoyo gyabwe n'amawulire ag'esanyu.

Baanirize mu bwa Kabaka Bwo obutukuvu, era obayiweko omukisa Gwo ogutagwawo, obafuule basanyufu mu nsi no ne munsi egenda okuja.

Also in: ht, hy, ja, lo, se, sm, ta, th, th

---

ABU0009

Ayi Ggwe Mukama ow'ekisa! Ggwe watonda abantu bonna nga bava mu bazzadde be bamu, Ggwewagenderera okubafuula ab'enju emu, era mu maaso go amatukuvu, bonna baddu bo, era abantu bonna w'eweema Yo; bonna bakungaaniddeku meeza Yo ey'ekisa. Bonna bayakayakana n'omusana gw'obwa-Katonda Bwo. Ayi Katonda! Ggwe ow'ekisa eri bonna, Ggwe Agabirira bonna, begamiziddwa wansi Ggwe obakuuma bonna, Ggwe obawa obulamu bonna, Ggwe agabira buli muntu kinoomu amagezi ne talanta era bonna begamizzibwa wansi w'ennyanja yekisa Kyo. Ayi Ggwe Mukama ow'ekisa, gatta abaddu bo bonna, kiriza eddiniez'enjawulo okubeera nga zikkiriziganya, amawanga gona gafuule nga eggwanga erimu, gasobole okweraba nga abantu ab'olulyo olumu, era nga abazaliranwa ab'ensi emu. Abantubonna balyoke basse kimu mu mukwano n'okwegatta. Ayi Katonda! Situla ebendera y'obumubw'abantu bonna. Ayi Katonda! Ssawo emirembe egisingira ddala obukulu egy'enkalakalira. Ayi Katonda! Emitima gyaffe gigattire ddala okuba omutima gumu. Ayi Kitaffe ow'ekisa. Tangaaza amaas ogaffe, mu musana gw'obukulembeze Bwo; amatu gaffe ogasanyuse n'obuseeneekerevu bw'ekigambo Kyo, era otweggamye mu bubuddammo bw'Obwakatonda bwoobulungi. Ggwe ddala Oli w'Amaanyi, Ow'obuyinza; Ggwe oli Musonyiyi, era azibira ebyonoono by'abantu.

Also in: ht, hy, ja, lo, se, sm, ta, th, th

---

ABU0009SER

Ayi Katonda, Yamba abaddu Bo okubunyisa ekigambo Kyo. bawakanye ebitalimu, eby'obulimba, balage amazima Go. Babunyise enyiriri entukuvu buli wamu, babikkute amatendo Go buli wamu, baleetere omusana ogw'okumakya okwakira mu mitima gy'abatukuvu. Ggwe ddala ddala Oli Mugabi, Omusonyiyi.

Also in: af, ar, az, bg, bs, ca, ch, cy, de, el, en, eo, es, fa, fr, ht, hu, id, is, it, lv, mh, ml, mt, ne, nl, no, pl, pt, pt, ro, ru, st, tl, vi

---

ABU0023UNI

Ayi Katonda, Ayi Katonda! Eno yennyonyi emenyefu y'ekiwawatiro, era n'okubuuka kwayo kwa kasoobo - Muyambe okubuuka nga ayolekedde ku ntiko y'obuwanguzi n'obulokozi. Okubuuka kwe kufuule kwa ssanyu, n'okwesiima okungi ennyo, nga ayita mu banga eritakoma. Yimusa eddoboozi lye esseenekerevu mu mu linya Lyo ekkulu munsi zonna . Wuliza amatu n'okukoowoola kuno, amaaso ogasanyuse n'okulaba obubonero obw'obukulembeze! Ayi Mukama! Ndi bwomu, ndi bwa namunigina, era ndi munaku. Sirina mubeezi yenna wabula Ggwe. Tewali muyambi mulala, okujako Ggwe. Tewali muwanirizi yenna wabula Ggwe. Onkakase mu

buwereza Bwo, onyambe n'ebibiina bya bamalayika Bo.  Nfuula muwanguzi mu kubunyisa ekigambo Kyo, era onzikirize okwogera n'amagezi Go mu bitonde Byo. Ddala ddala, Ggwe muyambi w'abanafu, Omulwanirizi w'abaana abato, era ddala ddala, Oli wa buyinza, Ow'amaanyi, era Atawalirizibwa!

Also in: af, am, ar, az, bg, bi, bs, ca, cs, da, de, el, en, eo, fi, fr, hr, is, it, lv, mg, ml, mt, nl, pt, sk, sne, ta, tl, vi

---

ABU0095KIN

Ggwe Oyo, Ayi Katonga wange, nga oyita mu manya Go, abalwadde bawonyezzebwa, era n'abayi ne basuuka, abayonta ne banywa, era n'abawotose, ne batojjera, ababuze ne balungamizibwa, era n'abakopi, nebaweebwa ekitiibwa, abawejere, bagaggawazibwa era n'ababuya ne n'ebayiga, nabanyikaavu basanyusibwa era n'abalina ennaku n'ebabudabuddibwa, abanyogoze babuguumizibwa era n'abalinyirirwa bafuna eddembe.  Mu linya Lyo, Ayi Katonda wange, ebitonde byonna byafu'na essanyu, era n'eggulu lyabikuka, n'ensi yonna nebeerawo, n'ebire byonna ne byekulumuulula, ne biretera enkuba okutonyera ensi yonna.  Kino mu mazima ddala kabonero akalaga ekisa Kyo, eri ebitonde Byo byonna. N'olwekyo nkwegayirira kulw'erinya Lyo, eryo mwewalagira obwaKatonda Bwo, era mwe wagulumiririza Enzikiriza Yo okusukuluma ebitonde byonna, era na buli kimu ku bitiibwa Byo, era n'ebikolwa Byo ebirungi ebitayogerekeka, omuyita ettendo Lyo okugulumizibwa, otonyese mu kiro kino, enkuba ey'okuwonya Kwo, eri omuwere ono, Ggwe gwottadde okumpi nawe mu bwakabaka bw'ebitonde Byo.  Omwambaze Ayi Mukama, n'omunagiro gw'obulamu era n'okusuuka obulungi, omukuume, Ayi Omwagalwa wange, okuva mu kunyolwa kwonna, era n'obutali butebenkevu n'okuva ku kirala kyonna ekitakusanyusa Ggwe.  Amaanyi Gomu Mazima gasinga ebintu byonna.  Ggwe mu Mazima Ggwe Osingira ddala amaanyi, Eyemalirira.  Omuwbreze Ayi Mukama, ebirungi eby'omunsi eno n'ensi eriddirira, era eby'omumirembe egyayita, n'eby'emirembe egirigya, Amaanyi Go n'amagezi Go awatali kubusabusa g'enkanira ddala kino.

Also in: af, am, ar, az, bg, bi, bs, ca, da, de, el, en, es, et, fa, fi, fr, iba, is, it, ml, ne, nl, pl, pt, ro, sk, sne, sne, sv, ta, tl, tvl, tvl, uk

---

ABU0129EDU

Ayi Katonda, yigiriza abaana bano.  Abaana bano bye bisimbe byomulusuku Lwo, ebimuli eby'ettale Lyo.  Looza z'ennimiro Yo.  Weerezaenkuba Yo, ebatonyere, baakize omusana ogw'amazima wamun'okwagala Kwo.  Leka obuwewo Bwo obulungi bubazeemu endasi basobole okugunjulwa, okukula era n'okweyongera ate n'okulabikira mu bulungi obusukkiridde.  Ggwe oli Mugabi!  Ggwe oli Wa kisa.

Also in: af, az, bg, bi, bs, ceb, ch, cnr, co, cy, da, de, diu, el, en, eo, es, et, eu, fa, fi, fo, fr, gil, haw, ht, hu, hy, hz, is, it, kj, kl, kn, ky, lv, mg, mh, mn, mn, mr, nal, nl, no, pap, pl, pt, ro, se, sk, sm, sq, st, sv, ta, te, tet, tl, tpi, uk, zh-Hant

---

ABU0826

Ayi Mukama, tuli banaku, tuwe omukisa gwo; tuli baavutu bunduguleko omugabo

okuva ku nnyanja y'obuggaga Bwo; tuli betaavu; tukuse; tunyoomebwa, tuwe ku kutiibwa Kyo.  Enyonyi ez'omubanga n'ensolo ez'omunsiko, zifuna emere yaazo buli lunaku okuva gyoli, era buli bilonde byonna bifuna ku bukuumi bwo era n'ekisa ky'okwagata Kwo.  Omunafu onotomusubya mikisa Gyo egy'ekyewunyo era kulw'amaanyi Go, oyiwe ku mwoyo guno oguteyam ba, emikisa Gyo.  Otuwe emmere yaffe eya buli lunaku era otwongere ku byetaago by'obulamu bwaffe, olwo tulyoke twegye kumulala yena wabula Ggwe, tunyumyenga Nawe, tutambulirenga mu makubo Go era twatulenga eby'amagero Byo.  Ggweddala oli w'Amaanyi, Omwagazi, Omugabirizi w'abantu bonna.

Also in: bi, de, de, diu, diu, hi, hi, hr, hu, hy, hz, hz, id, id, is, ja, kn, kn, ko, ml, ms, ny, ro, ru, sq, sq, ta, te, th, vi

---

ABU0826WEA

Ayi Mukama! Tuli banafu, tuzzemu amaanYi.  AYi Katonda! Tuli babuya, tuwe okumanya.  Ayi Mukama, tuli bankuseere, tufuule bagagga.  Ayi Katonda tuli bafu, tuzeemu obulamu.  Ayi Katonda!  Tujjolongeddwa, tufuule ba kitiibwa mu bwakabaka Bwo.  Singa otuyamba ffe Ayi Mukama tujja kufuuka nga emmunyenye ezitemagana. Singa totuyamba, olwo tujja kufuuka ba wansi n'okukira ettaka. Ayi Mukama! Tuzeemu amaanyi, Ayi Katonda, tuwe obuwanguzi. Ayi Katonda!  Tuyambe okuwangula okwerowoozaako tugobere ddala okwegomba.  Ayi Mukama, otugye mu buddu obw'ebintu eby'ensi, otulokole nga oyita mu mukka ogw'omwoyo omutukuvu, bwetutyo tulyoke tusitukiremu okukuwereza, twemalire mu kusinza Ggwe, era tunywerere mu bwakabaka Bwo n'obuwulize obusukiridde. Ayi Mukama!  Ggwe Oli wa maanyi, nyi Katonda! Ggwe Oli musonyiyi!  Ayi Mukama, Ggwe Oli Musaasizi!

Also in: ch, cnr, en, iba, lt, ne, sw

---

ABU1863

Ayi Katonda, Katonda wange!  Sanyusa emitima gy'abagalwa Bo era obayambe nga oyita mu bamalayika Bo ab'obuwan guzi obutakugirwa.  Lungamya ebigere byabwe mu kkubo Lyo eggolokofu, era okuva mu mukisa Gwo ogw'emirembe egyedda, baggulirewo emiryango gy'emikisa gyo; kubanga basasaanyiza ku by'obugagga bwabwe bye wabawa, mu kkubo Lyo, nga bakuuma enzikiriza Yo, era nga bateeka obwesige bwabwe mu kukujukira Ggwe, era nga tebakodowalira ebyo Ggwe by'ewabawa, kulw'okwagala obulungi Bwo era n'okunoonya ebyo ebikussanyusa. Ayi Mukama wange!  Obatekeretekere omugabo Gwo ogwemala, o'okubaweera. Ddala ddala, Ggwe oli Muwanirizi, Oli Muyambi, Oli Mugabi, Oli wa mukisa, Agaba bulijjo.

Also in: bi, bn, cs, et, fj, fr, hy, hz, id, ky, lo, lt, lv, ml, mr, ms, no, ru, sl, sq, sr, srn, srn, sv, sw, te, tet, th, tl, zh-Hans

---

BB00015SUF

Yatula nti: Katonda amala mu buli kimu okusinga ebintu byonna, era tewali kintu kyonna muggulu nekunsi Katonda kyatamala.  Ddala ddala ye Katonda, Amannyi, Omugabirizi, Ow'obuyinza.

Also in: af, ar, az, bg, bn, bs, ca, co, cy, da, de, el, en, eo, eu, fi, fr, hr, ht, id, ik, is, it, kn, mg, ml, nl, no, pap, pl, pt, ro, sk, sl, sr, sv, tet, tvl, wam

---

BB00018ADJ

Nkwegayirira kulwa'amaanyi Go, Ayi Katonda wange, tokiriza mitawaana kunnumba mu kaseera ak'okukemebwa, era bwemba sifaayo, lungamya ebigere byange n'obutukuvu Bwo.  Ggwe Katonda, olina amaanyi okukola nga bwoyagala. Tewali awakanya kulamula Kwo, oba okulemesa ebigendererwa Byo.

Also in: az, bg, bi, bs, ca, ceb, cy, da, de, el, en, es, fa, fi, fr, hi, ht, hu, hy, id, is, it, kl, kn, mi, ml, mt, nl, pl, pt, ru, se, sk, sl, sq, sr, tet, tl, uk

---

BB00382

*"Alina omukisa oyo, aiukira bazadde be, bwaba nga asaba Katonda we". - The Bab

Ggwe olabira ddala, Ayi Mukama wange nga emikono gyaffe giyimusirizibbwa eri eggulu ly'ekisa Kyo n'okusaasira Kwo.  Okirize okugijjuza n'ebyomuwendo eby'obugabi Bwo obutayogerekeka n'ekisa Kyo.  Otusonyiwe ffe, ne bakitaffe ne ba nnyaffe, era otuwe ebyo byonna bye twegomba okuva ku nnyanja ey'ekisa Kyo, n'obugabi Bwo.  Okirize Ayi Omwagalwa w'emitima gyaffe, emirimu gyaffe mu kkubo Lyo.  Ggwe mu mazima ddala Oli wa maanyi, Asingira ddala okugulumizibwa, Atagerageranyizibwa, Nnamunigina, Asonyiwa, Nnyini kisa.

Also in: hi, hu, tvl, uk

---

BB00556

Ettendo libe gyoli Ayi Mukama!  Otusonyiwe ebibi byaffe.  Otukwatirwe ekisa, era otusobozese okudda gyoli.  Tuyambe obutesigama ku mulala Yenna wabula Ggwe.  Era otuyiweko, nga oyita mu mukisa Gwo, ekyo Ggwe kyoyagala era Ggwe kyosiima, ekyo kyennyini, ekikusaanira.  Ogulumize ekifo kyabo abakukiririzaamu, era obasonyiwe kulw'ekisa eky'obusaasizi Bwo. Ddala ddala, Ggwe Muyambi mukabi, Eyemalirira.

Also in: ar, az, bs, ca, el, en, es, et, ht, hy, iba, id, is, it, kl, ml, mt, nl, pl, pt, ru, sk, ta, tk, uk, zh-Hant

---

BB00617

Ayi Katonda wange, Ayi Mukamawange!  Nkusaba onsonyiwe olw'okunoonya essanyu eddala n'esinoonya kwagala Kwo.  Ne noonya okubeera obulungi, ne nesubya okubeera okumpi Nawe, ne noonya essanyu eritali eryo Ggwe lyoyagala, ne noonya embeera endala mu kifo ky'okusembera gyoti.

Also in: az, bg, bs, ca, cs, da, de, diu, el, en, en, es, et, fi, fr, gu, hr, ht, hu, hy, hz, iba, id, is, it, kj, kl, kn, kn, ko, ky, ky, lb, mg, mh, ml, mt, ne, nl, pl, pt, ro, ru, sk, sk, sne, sq, ta, ta, tet, tk, tl, tvl, uk, zh-Hans, zh-Hant

---

BB00630

Ayi Mukama, Ggwe ajawo buli nyiike era agoba okulumwa obujiji.  Ggwe ajawo okubonaabona, Ggwe agoba ennaku, era ayimbula buli musibe, atokola buli muddu. Ayi Mukama!  Ndokola kulw'ekisa Kyo, ombalire mu bawereza Bo, abafunye obulokozi.

Also in: az, bg, ca, ceb, ceb, da, de, el, en, eo, es, et, fi, fr, hi, ht, hu, hy, id, is, ja, kl, kn, ko, lb, mh, ml, mn, ms, mt, ne, nl,

pl, pt, ro, ru, sk, sl, sne, sne, sne, sq, sr, te, tet, tl, tvl, tvl, uk, zh-Hant

---

BBU0015

Ayi Katonda, Katonda wange! Ggwe oli ssuubi lyange, era omwagalwa wange, Ekigendererwa kyange ekisingira ddala era okwegomba kwange okusingira ddala. N'obwetowaze obusuffu, n'okukusinziza ddala, nkusaba onfuule nga omunaala ogw'okwagala Kwo mu nsi Zo, nga etabaaza ey'okumanya Kwo mu bitonde Byo, nga ebendera y'omukisa Gwo omutukuvu mu Bwakabaka Bwo. Ombalire mu bawereza Bo abegye ku birala byonna wabula Ggwe, abetukuzza, okuva ku bintu by'ensi eby'oluwunguko, era nebesamba amaloboozi gabo abogera ebitaliimu nsa. Omutima gwange gubugaanye essanyu, nga oyita mu mwoyo ogw'okukakasibwa mu bwakabaka Bwo, era osanyuse amaaso gange nga galaba bamalayika Bo abayambi obutasalako, nga bakka gyendi, okuva mu Bwakabaka bw'ekitiibwa ky'amaanyi Go. Ggwe mu mazima ddala Oli wamaanyi, Nnyini kitiibwa kyonna, Ayinza byonna.

Also in: az, bn, ca, ceb, ceb, cy, el, en, eo, es, eu, fa, fr, ht, iba, ko, mg, ml, mn, nl, pl, sm, sm, sq, tk, tvl, uk, zh-Hans, zh-Hant, zh-Hant

---

BH00009GRA

Ngolokose enkya ya leero lwa kisa Kyo, Ayi Katonda wange, era nvuddemumaka gange nga nesigira ddala Ggwe, era nga newaddeyo mu mikono gyo okunkuuma. Bwotyo okuva mu ggulu ly'ekisa kyo, ompereze omukisa oguva Gyoti, era onsobozese okudda eka mu mirembe nga bw'onsobozeseza okuvaayo mu bukuumi bwo, ebirowoozo byange byonna nga mbitadde mu Ggwe. Tewali Katonda mulala wabula Ggwe wekka, Omu, Atagerageranyizibwa, Amanyi byonna, Asinga bonna amagezi.

Also in: af, az, bg, bi, bn, bs, ca, ch, cy, da, de, el, en, eo, es, et, fi, fr, haw, ht, hu, hz, id, is, it, kl, kl, lb, lv, mg, mh, ml, mn, ms, mt, ne, nl, no, ny, pap, pl, pt, ro, sk, sl, srn, st, sv, sw, tl, uk, ur, zh-Hant

---

BH00009HOW

Nyinza ntya okusatawo okw'ebaka, Ayi Katonda wange, nga abo abegomba okubeera naawe tebebaka olw'okwawukana naawe; era nyinza ntya okweganzika n'empumula nga emyoyo gy'abaagalwa Bo girumwa obujiji, olw'okubeera ewata okuva Gyoli? Omwoyo gwange, n'obulamu bwange bwonna, mbutadde mu mukono Gwo ogwadyo, ogw'amaanyi g'obukuumi Bwo, era nganzika omutwe gwange ku mutto kulw'amaanyi Go, era ngolokokera mu kusiima Kwo n'essanyu Lyo eddungi. Ggwe mu mazima Ggwe mukuumi, Alabirira, Ayinza byonna, Asinga bonna amaanyi. Kulw'amaanyi Go, sikusaba kwebaka oba kutunula naye nsaba ekyo kyokka Ggwe Ky'oyagala. Ndi muddu Wo, era ndi mu mikono Gyo. Onyambe mukisaakyo, nsobole okukola ekyo ekinasaasaanya akaloosa k'obulungi Bwo. Kino mu mazima lye ssuubi lyange, n'okusuubira kwabo abasanyukira okubeera okumpi naawe. Ettendo libe Gyoli, Ayi Ggwe Mukama w'ensi zonna!

Also in: af, ar, az, bg, bi, bs, ca, ceb, cnr, cnr, cy, da, de, el, en, es, et, fi, fj, fr, gil, gil, ha, hi, hr, ht, hu, hu, id, is, it, kl, kn, ko, lb, lv, mg, ml, nl, no, pl, pt, ro, ru, sk, sq, srn, sv, ta, tl, tvl, zh-Hans

---

BH00009SHE

Ngolokokedde mu bukuumi Bwo, Ayi Katonda wange, era nga kimugwanidde oyo anonya obukuumi Bwo, okunyweerera mu kifo Kyo ekitukuvu, ky'Okuuma, era mu kigo Kyo ekikuumibwa. Osanyuse omutima gwange Ayi Mukama, n'okumasa-masa kw'omusana gw'okubikulirwa Kwo, era nga bw'ewasanyusa obulamu bwange n'omusana ogw'okunkya ogw'okusiima Kwo.

Also in: af, ar, az, be, bg, bi, bn, bs, ca, ch, cnr, cy, da, de, diu, el, en, eo, es, et, fi, fr, fy, gil, gil, hr, ht, hu, hz, id, ik, is, kj, kl, kl, kn, ky, lb, mg, ml, mt, naq, ne, nl, no, ny, pl, pt, ro, ru, se, sk, sne, sne, sq, srn, st, sv, sw, tl, tpi, tvl, vi

---

BH00074BLE

Waliwo ayinza okujawo ebizibu okujako Katonda? Yatula nti Katonda atenderezebwe! Ye ye Katonda! Abantu bonna baddube, era bonna babeerawo, lwa kutagira kwe!

Also in: be, bla, bla, bs, ca, chr, co, cy, de, dgz, en, et, fa, fr, fy, ga, gil, gil, gwi, gwi, gwi, haw, ht, hu, hur, hur, hur, hur, iba, ik, is, kgf, kiw, kl, km, ksd, lkt, lkt, lt, lut, med, meu, ml, moh, moh, nv, nv, oj, oj, oj, oj, one, pap, ro, se, shh, slh, slh, slh, sm, sq, srn, tet, tk, ttm

---

BH01313NAM

Erinya Lyo kwe kuwona kwange, Ayi Mukama wange, era okukujukira, lye ddagala lyange. Okubeera okumpi Nawe ly'essuubi lyange, era n'okukwagala, ye munywanyi wange. Okusaasira Kwo gyendi kwe kusuuka kwange, era okubeerwa kwange mu nsi eno ne munsi erijja. Ggwe mu mazima ddala Oli mugabi wa byonna, Amanyi byonna, Kagezi munyu.

Also in: af, ar, az, bg, bi, bla, bla, bn, bs, ca, ceb, ch, chn, cnr, co, cs, cy, da, dak, de, dgz, dih, diu, en, eo, es, et, eu, fa, fi, fj, fo, fr, fy, ha, haw, hr, ht, hu, hu, hur, hur, hy, hz, hz, iba, id, ik, is, it, ja, kgf, kl, kn, ko, ksd, ky, lb, lkt, lo, lt, lv, med, meu, mg, mi, ml, mn, moh, moh, mr, ms, mt, nal, naq, naq, ne, nl, no, nv, nv, ny, pl, pt, ro, ru, sk, sl, sq, sr, srn, srn, srn, st, sv, sw, ta, th, th, th, th, th, th, th, tk, tl, uk, ur, zh-Hans

---

BH02022

> Essaala eno esomerwa abo abasussizza emyaka ekumi n'ettano. Ye ssaala ya Baha'i yokka e'yeteeka esomebwa mu lujjuddee. Essoomebwa omukiriza omu nga abalala bonna bayimiridde. Tekyetaagisa kutunula mu nsi ntukuvu [Qjblih] nga essaala eno esomebwa. - Byava mu Kitáb'i'Aqdas –

Ayi Katonda wange! Ono ye muddu Wo, era omwana w'omuddu wo,akukkiririzaamu, era nemububonero Bwo, akyukidde gyoli nga yegye ku birala byonna wabula Ggwe. Ddala ddala, Ggwe mu balaga ekisa, Ggwe osingira ddala ekisa.

Omusonyiwe, Ayi Ggwe omusonyiyi w'ebyonoono by'abantu bonna, era akisa ebibi byabwe, nga bw'ekisaanira eggulu ly'ekisa Kyo, era ne'nnyanja y'emikisa Gyo. Omukirize okutuuka mu ggulu ly'ekisa Kyo, ekyatiwo nga eggulu n'ensi tebinabaawo. Tewali Katonda mulala wabula Ggwe, Asonyiwa bulijjo, Omugabi wa byonna.

> Olwo addingane emirundi mukaaga okulamusa kuno Alláh-u-Abhá! Ate emirundi kuminamwenda, buli lunyiriri ku zino eziddirira:

Mazima ffena ddala tusinza Katonda.(x19) Mazima ffena ddala tuvunama mu maaso ga Katonda. ( x19) Mazima ffena ddala twewaddeyo eri Katonda. (x19) Mazima ffena

ddala tutendereza Katonda. (x19) Mazima ffena ddala twebaza Katonda. ( x19) Mazima ffena ddala tuli baguminkiriza mu Katonda. ( x19)

*(Omufu bwaba nga mukazi, olwo asoma agambe nti, ono muzaana wo, era omwano w'omuzaana wo, ...)

Also in: af, ar, az, bg, bi, bn, bs, ca, da, de, el, el, en, eo, fa, fi, fj, fo, fr, gil, gu, ha, ht, hu, hy, id, is, it, kl, lv, mg, mr, mt, nal, naq, ne, nl, no, pl, pt, ro, ru, sk, sne, sq, sr, sv, ta, tk, tl, tvl, ur, vi

---

BH02198

ESSALA EY'ETTEEKA EY'EKIGERO

Esomwa buti lunaku, kumakya, mutuntu n'akawungeezi.

Buli ayagala okusoma essala eno, anaabe emikono gye, era nga anaaba ayatule nti:

Omukono gwange guwe amaanyi Ayi Katonda wange, gusobole okuwanirira Ekitabo Kyo n'obuvumu, olwo ebintu byonna eby'ensi bireme okuba n'obuyinza gyeguli. Gukuume bwegutyo guleme okwetumikiriza okukwata ku bitali byaagwo. Ddaladdala, Ggwe oli w'Amanyi, Asingira ddala obuyinza.

Ate bwaba nga anaaba mu maaso ge,ayatule nti:

Nkyusizza obwenyi bwange eri Ggwe Ayi Mukama wange! Bwakize ekitangaala ky'amaaso Go, Bukuume, buleme okukyukira omulala yenna wabula Ggwe.

Bwamala ekyo ayimirire, era akyusize amaaso ge eri ekifo ekitukuvu ekye Bahji Akká, ayatule nti:

Katonda akakasa nti tewali Katonda mulala wabula Ye yekka. Obwakabaka Bwe bwebw'okwo-lesebwa n'obutonzi. Bibye mu mazima ye yayolesa oyo entandikwa, yokwolesebwa eyayogerera ku. lusozi Sinayi, nga mu Ye, olukungirizi lw'eggulu ery'ekitiibwa, mwe lwayakayakanira, era n'omuti omutukuvu ogutayitwako mw'egwayogerera, era mu Ye, mwemwalangirirwa, eri abo abali mu guulu ne kunsi. "Laba Nnyini byonna azze. Eggulu n'ensi, Ekitiibwa n'Obwakabaka bya Katonda, Mukama Ow'abantu bonna, era nanyini Nnamulondo ey'omuggulu ne ku nsi!"

Era akutame nga akutte ku mavivi, ayatule nti:

Oli wattendo nnyo era Ossukulumye okusinga bwenyinza okukutendereza n'okutendereza kwabo abali okumpi nange, era n'okusinga bwenyinza okunnyonyola, wadde n'abo abali mu ggulu era n'abo abali ku nsi bwe bayinza okunyonyola. Olwo ayimirire nga ayanjuluzza engalozze n'ebibatu bye nga biri mu maaso g'ekyenyi kye, ayatule nti: Tolebula Ayi Katonda wange, oyo eyekutte n'engalo ezegayirira, ku mukugiro gw'okusaasira Kwo n'ekisa Kyo, Ayi Ggwe, mubalaga ekisa, Asinga bonna ekisa.

Olwo atuule wanni, ayatule nti:

Mpa obujulizi ku bumu Bwo, n'obwa namunigina Bwo, nti Ggwe Katonda, era nti tewali Katonda mulala wabula Ggwe. Ddala ddala, Ggwe wenyini wabikula enzikiriza Yo, watuukiriza endagaano Yo, era n'oggulawo olujji lw'emikisa Gyo, eri abo bonna

ababeera mu ggulu ne kunsi. Emikisa n'emirembe, okulamusa n'ekitiibwa bibeera eri abagalwa Bo, emikisa n'enkyukakyuka z'ensi be bitaziyizanga kukyukira Gyoli, era abawaddeyo ebyabwe byonna nga basuubira okufuna ekyo ekiri Gyoli. Mu mazima Ggwe bulijjo oli musonyiyi, era Omugabi wa byonna.

> Singa omuntu yenna alondawo okuddamu ebigambo binno wamanga mu kifo ky'okusoma ennyiriri empanvu ezo: "Katonda akakasa nti tewali Katonda mulalu wabula Ye Yekka, Omuyambi mu kabi, eyemaririra".  Kibakimala alondawo okuddamu ebigambo bino wamanga nga atudde wansi; “Mpa obujulizi ku bumu Bwo n'obwa namunigina Bwo, era nti Ggwe Katonda, tewali Katonda mulala okugyako Ggwe wekka".

Also in: af, ar, az, en, fa, fr, fy, ht, hu, is, lv, ml, mt, pt

---

BH02777

Ayi Katonda wange era Mukama wange!  Ndi muddu Wo era omwana w'omuddu Wo. Ngolokose okuva ku kigugu kyange ku makya gano nga omusana gw'obumu Bwo, gwase okuva ku kitangaala ky'okusiima kwo, era ne gwakiza ekitangaala kyagwo eri ensi yonna, okusinziira kwebyo ebyawandiikibwa mu Bitabo byokulagira Kwo. Ettendo libe Gyoli, Ayi Katonda kubanga tugolokokedde mu kumasamasa kw'amagezi Go.  Tuwereze Ayi Mukama, ekyo ekinatuyamba okweja ku mulala yenna wabula Ggwe, era n'okwesamba buli kirala kyonna okugyako Ggwe.  Nate ompandiikire awamu n'abo abagalwa bange, n'abenganda zange, abasaija n'abakazi, ebirungi eby'omunsi eno, n'emunsi egenda okuja.  Otukuume mu bukuumi Bwo obutalemwa, Ayi Ggwe omwagalwa w'ebitonde byonna, era eyegombebwa ensi eno yonna, okuva kwabo Ggwe be wafuula okuba abogerera obwama obubi mu mitima gy'abantu. Ddala ddala, Ggwe Olina obuyinza okukola ky'oyagala, ddala ddala Ggwe Oli w'amaanyi, Omuyambi mu kabi, Eyemalirira. Omuwe omukisa, Ayi Mukama Katonda wange, Oyo Ggwe gwewasukulumya mu bitiibwa Byo byonna.  Era nga mu ye mwoyawulira wakati w'abalungi n'ababi, era olw'ekisa Kyo, otuyambe okukola ekyo Ggwe kyoyagala era ky'osiima. Nate era, wa omukisa, Ayi Katonda wange, abo ebigambo Byo era n'ennukuta Zo, era abakyusiriza amaaso gaabwe eri Agago, ne bawulira eddoboozi Lyo. Ggwe mu mazima, Ggwe Mukama era Kabaka w'abantu bonna, era oli wa buyinza, eri ebintu byonna.

Also in: fj, gil, hz, hz, id, ja, kn, lo, ne, sm, uk

---

BH03111

Ayi Katonda wange, nkusaba kulw'erinya Lyo erisingira ddala ekitiibwa, onyambe mw'ebyo ebinaleetera emirimu gy'abaddu Bo okugenda mu maaso, era n'ebibuga Byo, okukulakulana.  Ggwe mu mazima oli na obuyinza kubintu byonna.

Also in: af, ar, ca, da, de, el, en, eo, es, fr, gil, ha, ht, hu, hz, is, it, kj, kj, kj, kl, lb, lv, ml, nl, pl, pt, ro, sk, sm, st, tl

---

BH03181

Mu ndagaano y' obufumbo, Olunyiriri, olwatulwa, omuntu kin'omu, kwe kugamba, nti, omugole omukazi n'omugole, omusaja nga waliwo n'abajulirwa babiri nga bano bakirizibbwa akakiiko ka Local Assembly, zirambikiddwa bulungi mu Kitabo Ekisingira Ddala obutukuvu, Kitab-i-Aqdas, nti:

*"Ddala ddala fenna tunakola nga ebyo Katonda byayagala".

Ekitiibwa kibe Gyoli Ayi Katonda wange, ddala ddala omuddu wo ono n'omuzaana wo ono, bakungaanidde wansi w'ekisiikirize eky'okusaasira Kwo, era bagatiddwa wamu olw'ekisa Kyo n'okwagala Kwo. Ayi Mukama! Obayambe munsi eno, ne mu Bwakabaka Bwo, era obategekere buli kalungi konna nga oyita mu kisa Kyo ne mu kwagala Kwo. Ayi Mukama! Bakakase mu buweereza Bwo, era bayambe mu kukuwereza. Bakirize okufuuka obubonero obw'erinnya Lyo munsi yo, era obakuume mu Kwagala Kwo okutaggwawo, munsi eno n'eyo egenda okugya. Ayi Mukama! Begayirira obwakabaka obw'ekisa Kyo, era bakoowoola obwakabaka bw'obumu Bwo. Ddala ddala bafumbiriganiddwa nga bagoberera etteeka Lyo. Bafuule akabonero ak'okukiriziganya n'okwegatta okutuusa ku nkomerero. Ddala ddala Ggwe Ayinza Byona, Ggwe ali Buli Asingira ddala amaanyi.

Also in: am, ar, bs, de, el, en, et, gil, ha, is, kgf, lv, mg, ml, mt, pt, ro, ru, sk, tl, tpi

---

BH03262

Ettendo lyonna, Ayi Katonda wange libe Gyoli, Ggwe ensibuko y'ekitiibwa n'obufuzi, ey'ettendo n'okugulumizibwa, ey'obwakabaka n'obuyinza, owa waggulu ennyo, era ow'omukisa, Ow'ekitiibwa, era Ow'amaanyi. Buli yenna Ggwe gwosiima, Ggwe omusobozesa okutuuka ku Nnyanja esingira ddala ekitiibwa, era buli yenna Ggwe gw'oyagala Ggwe omubundugulako ekitiibwa eky'okumanya erinya Lyo ery'edda n'dda. Abo bonna abali mu ggulu ne kunsi, tewali ayinza kukugira bigendererwa bya kulagira Kwo okutukuvu. Okuva edda n'edda, Ggwe wafuga ebitonde byonna, era nga bulijjo Ggwe oli wakutaganga obuyinza Bwo. Tewali Katonda mulala wabula Ggwe, Ayinza byonna, Asingira ddala okugulumuzibwa, Ow'amaanyi gonna, Amanyi byonna. Zibula Ayi Mukama amaaso g'abaddu bo basobole okukulaba; naaza emitima gy'abwe basobole okukyukira eri embuga y'eggulu ly'emikisa Gyo, bategeera Oyo Omusana gw'ennono y'okubeerawo Kwo. Ddala ddala, Ggwe Mukama ow'ensi zonna. Tewali Katonda mulala wabula Ggwe, Atakugirwa, Eyemalirira.

Also in: bi, bn, fi, hy, kn, ko, ky, ta

---

BH03356

Erinya lyo ligulumizibwe , Ayi Mukama Katonda wange! Nkusaba kulw'erinya lyo, mu lyo essaawa endaagaanye etuuse , era n'okuzuukira ne kutuuka , era n'okutya n'okukankana ne kubuna eri abo bonna abali mu ggulu ne kunsi, empereze, okuva mu ggulu ly'ekisa Kyo, era n'ebire by'ekisa ky'okwagala kwo, ebyo ebinasanyusa emitima gy'abaddu bo, abo abakyukfdde gyoli era ne bayamba Enzikiriza Yo. Kuuma bulungi

abadu Bo n'abazana Bo Ayi Mukama wange okuwona obusale, obw'okwerowoozaako, n'okulow aoza ebitaliimu, era obawe, okuva mu mikono egy'ekisa Kyo, ekire ky'amazzi, amateefu, ag'okumanya Kwo. Ggwe mu mazima, Oli wamaanyi, Asingira ddala okugulumizibwa, Asonyiwa bulijjo, Asinga bonna obugabi.

Also in: ko, th, zh-Hant

---

BH03629GRI

Malawo obuyinike bwange kulw'ekisa Kyo n'obugabi Bwo, Ayi Katonda wange, era ogyirewo ddala okulumwa obujjiji, kulw'obuyinza Bwo, n'amaanyi Go.  Ggwe ondabira ddala Ayi Katonda wange, nga amaaso gange ngatunuzza Gyoli, mu kaseera kano, nga obuyinike bunetoolodde ku buli luuyi.  Nkwegayirira, Ayi Ggwe Mukama ow'ebintu byonna, era Asinga ebintu byonna, ebirabika n'ebitalabika, kulw'erinya Lyo mwewafugira emitima n'emyoyo gy'abantu bonna, era n'amayengo g'ennyanja y'okusaasira Kwo, n'ekitiibwa ky'emunnyenye ey'ekisa Kyo, ombalire mwabo abataziyizibwa kintu kyonna okukyusiza obwenyi bwabwe Gyoli, Ayi Ggwe Mukama ow'amanya gonna Eyakola eggulu. Ggwe olabira ddala Ayi Mukama wange, emitawaana egintuuseeko mu naku Zo.  Nkwegayirira kulw'oyo ensibuko y'amanya Go, era emmambya yebikolwa Byo ebirungi, okumpa ebyo, ebinansobozesa okuyimukira mu okukuwereza n'okwatula ebikolwa Byo ebirungi.  Ggwe ddala ddala olina amaanyi gonna, Oli wa Buyinza, Atalemwa kuddamu ssaala z'abantu bonna! Mukufundikira, nkusaba kulw'eki- tangaala ky'amaaso Go, okuwa omukisa byenkola, okusasula amabanja gange, ompe ebyo bt'eneetaaga.  Ggwe ddala, Amaanyi go n'ekitibwa buli lulimi lubiwaako obujjulizi.  Ekitiibwa Kyo n'obwakabaka Bwo, buli mutima ogutegeera gubikkakasa.  Tewali Katonda mulala wabula Ggwe, Awulira, era Omweteefuteefu okwanukula.

Also in: af, az, bg, bn, ca, cs, da, de, el, en, es, fi, fr, ht, hu, hy, iba, id, is, it, kl, ky, lv, mg, mn, mt, nl, no, pl, pt, ro, ru, sk, sv, ta, tl, tvl, uk

---

BH04421HEA

Ayi Mukama! Gyoli Ggwe, gyenoonyeza obubudamo, era omutima gwange gutunuulira obubonero Bwo. Ayi Mukama! Wadde nga ndi mu lugendo, oba waka, newankubadde ku mulimu gwange, oba nga nkakalabya egyange, nteeka obwesige bwange bwonna, mu Ggwe. Ompe obuyambi Bwo, obumala, nsobole okwegya ku birala byonna wabula Ggwe, Ayi Ggwe atasingika kisa! Ompe omugabo gwange, Ayi Mukama, nga Ggwe bw'osiima era onyambe okumatira n'ebyo Ggwe by'ompadde. Obuyinza Bwo bw'ankalakalira.

Also in: af, az, be, bg, bn, bs, ca, cnr, co, cs, da, de, diu, el, en, eo, eo, es, et, fj, fr, fy, gil, gu, ha, hr, ht, hu, hz, iba, iba, is, it, kj, ky, ky, lt, mg, ml, mt, ne, nl, pl, pt, ro, ru, se, se, sm, sne, sne, sq, st, sv, ta, ta, tet, tet, tl, tvl, tvl, tvl

---

BH04475

Ettendo libe gyoli, Ayi Mukama Katonda wange! Kulw'ekisa kyo, kiriza omuwere ono okuyonka ku mabeere ag'ekisa ky'okusaasira Kwo n'okwagala Kwo, era omukulirize

ku bibala eby'omuti ogw,omuggulu.  Tomuganya kubeera mu bukuumi bwa mulala yenna, wabula Ggwe, Ggwe kenyini, nga bwe wamutonda n'omuwa obulamu nga oyita mu maanyi g'obwakabaka Bwo.  TewaliKatonda mulala wabula Ggwe, Asingira ddala amaanyi, Amanyi byonna. Ogulumizibwe, Ayi Omwagalwa wange asinga, muyiweeko obuwoowo obulungi, obw'emikisa gyoegisingira ddala, era n'omugabo Gwo ogusingira ddala obutukuvu.  Omuyambe okufuna obubuddamo wansi w'ekisiikirize ky'erinya Lyo erisingira ddala okugulumizibwa, ggwe akutte mumukono Ggwo obwakabaka obwamanya gonna era nebikolwa ebirungi era n'ebirabo.  Ddala ddala, Ggwe oli wa buyinza okukola nga bwosiima, era Ggwe mumazima oli w'Amaanyi, Agulumizibwa, Asonyiwa bulijjo, Ow'ekisa, Omugabi, Asingira ddala ekisa.

Also in: af, bs, ca, co, de, en, es, fi, ha, hi, iba, it, ja, kn, ko, ms, ms, ne, ne, nl, ny, pt, sv, sv, tl, uk, zh-Hant

---

BH05071

Ekitiibwa kibe gyoli, Ayi MukamaKatonda wange!  Tomufeebya oyo gwewa gulumiziza nga oyita mu maanyi ag'obwakabaka Bwo obutagwaawo, era tomusuula wata oyo gwewakirizza okuyingira eweema ey'obutaggwawo Bwo.  Onoomusula muguluka, Ayi Katonda wange, oyo gw'osiikirizza n'obukama Bwo, era on'omugoba okuva Woli, oyo, Ayi Okwegomba kwange, nga Ggwe obaddeobubudamo bwe?  Oyinza okumussa wansi oyo gw'oyimusizza oba okumwerabira oyo Gwewasobozesa okukujukira? Oli wakitiibwa, Ggwe oli wakitiibwa ekiyitiridde!  Ggwe okuva dda nedda, Ggwe Kabaka w'ebitonde byonna era Ggwe abiwa obulamu, era Ggwe emirembe n'emirembe, Ggwe olisigala nga Mukama ow'ebitonde byonna, era Ggwe abitonda. Oli wakitiibwa Ayi Mukama wange!  Singa Ggwe otekeraawo okukwatirwa abaddu Bo ekisa, ani anabalaga ekisa, era singa tobayamba, ani anabayamba? Oli wakitiibwa, Ggwe Oli wakitiibwa ekitayogerekeka!  Ggwe eyegombebwa mu mazima Go, era Ggwetusinza ffena, era Ggwe alaga obwenkanya, era Ggwe tuwaako obujjulizi ffena.  Ggwe mu mazima oyagalibwa olw'emikisa Gyo.  Tewali Katonda mulala wabula Ggwe, Omuyambi mu kabi, Eyemalirira.

Also in: af, ar, bg, bs, ca, da, de, en, es, et, fr, hi, ht, hy, id, is, it, ko, ky, mg, ml, nl, no, pt, ro, ru, sk, tvl, uk, vi

---

BH07106

Erinya Lyo litenderezebwe, Ayi Mukama Katonda wange!  Ggwe Ondabira ddala nga amaaso gange ngatunuuliza eri kisa Kyo, era nga elyenyi kyange kikyukidde eri eggulu ly'ekisa Kyo, n'okwagala Kwo, era nga emikono gyange gigoloddwa eri eggutu ly'obugabi Bwo.  Amaanyi go gampaako obujulirwa! Buli kitundu kya mubiri gwange kikukowoola nga kigamba nti; Ayi Ggwe Omwagalwa w'ensi zonna era Mukama wabali mu ggulu ne kunsi, era okwegomba kw'emitima gyabo abewaddewo Gyoli! Nkwegayirira kulw'ennyanja eyo gyewakunganyi riza abatuuze abomu ggulu era n'abo abatuula kunsi, okuyamba abaddu Bo abo abakyalemeddwa okugituukako, n'okusemberera embalama zayo.  Obayambe, Ayi Katonda wange okweja ku mulala

yenna wabula Ggwe, era obayambe okwatula ettendo Lyo, n'okutendereza ebikolwa Byo.  Obawe Ayi Katonda wange, omubisi ogw'emberenge ogw'ekisa Kyo, gubeerabize omulala yenna wabula Ggwe era bayimukiremu okuwereza Enzikiriza yo, era banywerere mu kwagala Kwo.  Ddala ddala, Ggwe Mukama ow'obulamu bwabwe era ekigenderera kyabwe.  Kale Ggwe bw'onobasuula muguluka, ani anabalabirira era bw'ebanatwalibwa ewala okuva Gyoli, ani anabayamba okukutuukirira Ggwe? Ndayira kulw'obuyinza Bwo!  Tewali buddukiro bulala bwonna wabula Gyoli, era tewali bubudamo bulala wabula obubvro, wadde obukuumi bwonna okujako obukuumi Bwo.  Zibasanze abo abagulumiza omulala yenna wabula Ggwe, era ba mukisa abegye ku byonna ebiri mu nsi era ne bekwala ku munagiro gw'obugabi Bwo. Bano!  Be bantu ba Baha, mu maaso gaabo abali mu ggulu ne kunsi.  Tewali Katonda mulala yenna wabula Ggwe, Amanyi byonna, Kagezi munyu.  Ettendo libe eri Katonda, Mukama ow'ensi zonna.

Also in: af, ar, az, da, de, el, en, et, et, eu, fr, hy, id, it, lt, no, pl, pl, pl, pt, ro, sk, sne, sne, sq, st, tvl

---

BH08855

Tusaba Katonda, kulw'ekisa Kye, ayambe abo ababuziddwabuziddwa, basobole okuba ab'amazima era abenkanya, era obasobozese okulaba ebyo ebikyabalemye okutegeera.  Ye mu mazima Ye Nnyini kisa, Lugaba, Asinga bonna obugabi.  Abaddu bo, tobagoba okuva ku mulyango gw'ekisa Kyo, era tobagoba kuva mu mbuga Yo. Obayambe okugyawo olufu olw'ebirowoozo ebitaliimu n'okuyuza entimbe ez'ebirowoozo n'okusuubira okutaliimu.  Ggwe mu mazima Ggwe nanyini byonna, Ali waggulu ennyo.  Tewali Katonda mulala wabula Ggwe, Ayinza byonna, Nnyini kisa.

Also in: af, ar, az, bs, ca, ca, da, de, el, en, en, en, es, es, es, et, eu, fa, fr, hi, hr, ht, hy, id, it, ky, lv, nl, pl, pt, ro, ro, ru, sk, sl, sm, sne, sne, sne, sv, ta, tl, tvl, uk

---

BH09855

Ayi Mukama!  Mukama wange!  Ndi mwana ow'emyaka emitono.  Ongabirire amabeere ag'ekisaakyo onjigirize okuva mu kifuba ky'okwagata Kwo, onsomese mu ssomero ly'obukulembeze Bwo, era onkulize wansi w'ekisiikirize ky'omukisa Gwo. Onzigye mu kizikiza, Onfuule omusana Ogwakayakana; onsumulule okuva mu butasanyuka, onfuule ebimuli by'omunimiro eya looza; nyamba okufuuka omuwereza ku Mufuubeeto Gwo, era onfuule okuba omutukuvu; Nyamba okuba omugabi eri abantu bensi eno, era onyambaze engule ey'obuamu obutagwaawo.  Ddala ddala Ggwe oli w'Amaanyi, ow'Obuyinza, Alaba, era Awulira.

Also in: ar, az, bn, bn, ca, el, en, eo, es, fa, fo, gil, gil, gil, gu, haw, ht, hu, iba, iba, is, ja, ja, lb, lo, mi, mi, ml, mn, mn, mt, ne, nl, pl, ro, ru, sk, sq, st, sv, ta, ta, th, tk, tl, tvl, uk, uk, zh-Hant

---

BH09864

Ayi Ggwe Mukama asingira ddala ekitiibwa!  Yamba omuzaana wo ono omulo okuba ow'omukisa era omusanyufu; muyambe okukuumibwa ku mufuubeeto gw'obumu Bwo, era omuyambe okunywa ku kikopo ky'okwagala Kwo, olwo akusibwe era

asanyusibwe, asobole okubunyisa obuwoowo bwo obulungi.  Ggwe oli w'Amaanyi, oli wa Buyinza, era Ggwe Omanyi byonna, era Olaba byonna.

Also in: af, ar, bg, ca, ch, da, de, el, en, es, et, fj, fr, hu, hy, id, is, it, lv, ml, nl, no, pl, pt, ro, sv, ta, zh-Hans

---

BH09874

> Ayi ggwe anoonya amazima, bwobeera wegomba Katonda okuzibula amoaso go, oteekwa okwegayira Katonda omusabe era nga omwegayirira ettumbi nga ogamba nti:

Ayi Mukama, nkyusiza obwenyi bwange eri obw'akabaka bw'obumu Bwo, era nnenyise mu nnyanja ey'ekisa Kyo.  Ayi Mukama zibula amaaso gange galabe omusana Gwo, mu kiro kino eky'akazigizigi, era onsanyuse n'okwagala Kwo mu mulembe guno ogw'ekitalo.  Ayi Mukama ompulize okuyita Kwo, era oggulewo enzigi z'eggulu Lyo mu maaso gange, bwentyo ndabe omusana ogw'ekitiibwa Kyo era nsikirizibwe obulungi Bwo.  Ddala ddala, Ggwe Awa, Omugabi, Ow'ekisa, Omusonyiyi.

Also in: az, bg, bs, ca, da, de, el, en, es, fr, ha, ht, iba, is, it, lv, ml, nl, pl, pt, ru, sk, sne, sne, sv, tvl, zh-Hans, zh-Hant

---

BH10505

Mukama wange!  Mukama wange!  Nkutendereza era nkwebaza kubanga okwatiddwa omuzaana wo, omuwembeefu ekisa omuzaana Wo akwegayirira era akuwanjagira, kubanga omulungamiza okutuukamu Bwakabaka Bwo, eran'omuyamba okuwulira eddoboozi Lyo mu nsi eno, era n'okulaba obubonero Bwo, obukakasa obuwanguzi bw'obufuzi Bwo, eri ebintu byonna. Ayi Mukama wange, nteeka mu mikono gyo, ekyo ekiri mu lubuto lwange.  Kale kiyambe kifuuke omwana ow'ettendo mu bwakabaka Bwo, era afuuke ow'omukisa, okuvaku mukisa Gwo, n'obugabi Bwo; akulire mu buyinza Bwo era n'okuyigiriza Kwo.  Ddala ddala, Ggwe oli wa kisa, Ddala ddala, Ggwe Mukama ow'ekisa ekingi!

Also in: af, bn, bs, ch, chn, chr, co, cs, cy, da, dak, dgz, dih, diu, diu, el, en, eo, et, fj, fo, fr, fy, gu, hi, hi, hr, ht, hur, hur, hy, hz, hz, id, ik, is, it, ja, kl, kn, ko, ko, ksd, lb, lkt, lv, med, med, meu, mh, mi, mic, mic, ml, mn, mn, ms, mt, nal, naq, ne, nl, no, nv, nv, ny, pap, pl, pt, ro, shh, sk, sl, sm, sne, sq, sr, srn, srn, srn, sv, sw, ta, te, th, tk, tl, tpi, tvl, tvl, tvl, tvl, uk, ur, ur, ur, vi, zh-Hans, zh-Hant

---

BH10688

Ayi Katonda, Katonda wange!  Nvudde mumaka gange, nga n'ekwatidde ddala ku wwuzi y'okwagala Kwo, era nga newereddeyo ddala mu bukuumi Bwo.  Nkusaba kulw'amaanyi Go, mwe wakuumira abagalwa Bo okuva eri abagyemu n'abanyoomi, abanyigiriza, era nababi abaabula okuva Gyoli, onkuume kulw'ekisa Kyo n'obuyambi Bwo.  Onyambe nate, okudda mu maka gange obulungi, kulw'amaanyi Go, n'obuyinza Bwo.  Ggwe mu mazima Oli wa buyinza, Omuyambi mu kabi, Eyemalirira.

Also in: af, az, bg, bi, bn, bs, ca, cy, da, de, dgz, el, en, eo, es, fa, fj, fr, gil, ha, hi, hr, ht, hy, hz, id, is, it, kl, kn, lv, ml, nl, pl, pt, ro, ru, sr, srn, sv, tl, ur, zh-Hant

---

BH11209

ESSALA EY'ETTEEKA ENYIMPI

Essala ey'etteeka enyimpimpi esomwa omulundi gumu buli lunaku wakati we tuntu nenjuba ngegwa. Mpa obulizi,  Ayi Katonda wange, nti Gwe wantonda okuKumanya n'okukusinza. Nkakasiza ddala, mu kaseera kano, obutesobola bwange era no buyinza Bwo, obwavu bwange ku buggaga Bwo. Tewali Katonda mulala wabula Ggwe, Omuyambi mu kabi, Eyemaririra.

*"Essala ez'etteeka ezisomwa buli lunaku, ziri satu... Omukkiriza wa ddembe okulondawo nga bwayagala, emu ku satu, naye alagirwa mu teeka, okusoma emu kuzo, era nga atukiriza obulombolombo bwayo ugigenderako". *"Okunaaba emikono, nemumaaso, mbykwetegekera okusaba, nokutunula oludda Lwensonda [ oyokusingzu/okusuuta] (Bahji, Akka, Holyland, (Qiblih)) byetaagp bya nkalakkalira ebyokwatula essaala ezetteeka." *"Ku makya, mu mattuntu, n'akawungezi ebyogerwako mu saala ez'eteeka, biteegeeza etteeka wakatiwobuddenga busasaana, okutuusa mu tuntu, okuva mu tuntu okutuusa akawungeezi, n'okuvaakawungeezi okutuusa nga wayise wo essaawa bbiri nga enjuba emaze okuggwa".

Also in: af, am, apm, ar, az, be, bg, bi, bs, ca, chn, co, cr, cr, cy, da, dak, de, dgz, dih, diu, el, en, eo, es, fa, fi, fj, fo, fr, fy, gil, ha, haw, ho, ht, hu, hur, hz, hz, iba, id, ik, is, it, ja, kiw, kl, km, kn, ksd, lb, lkt, lkt, lkt, lt, lv, med, meu, meu, mg, mh, mi, ml, moh, moh, mt, nal, naq, ne, nl, no, nv, nv, ny, oj, oj, pap, pl, pot, pt, ro, ru, se, shs, shs, sk, sne, sq, srn, srn, sv, sw, ta, te, th, thp, tl, tpi, tvl, ur

---

TMP00665

*" ...Abakuumi abakulu ab'enzikiriza ya Bahá'u'lláh, ekyali ento, baweereddwa emirimu ebiri, okuvo mu kafumu akatakola nsobi aka 'Abdu'l-Bahá.  Ogw'okubunyisa n'ogw'okukuuma Enzikiriza ya Kitaawe. "- Shoghi Effendi -Messages to the Bahá'í World

Omusana n'ekitiibwa, okulamusa n'ettendo bibeere eri Empagi z'enzikiriza Ye, mu bo, ekitangaala ky'obuvumu, mwe kirabikidde, era n'amazima ne geragira ddala, nti obuyinza obw'okubalonda buva wa Katonda, Ow'amaanyi, Ow'obuyinza, Atagerageranyizibwa, mu Ye ennyanja y'omukisa ebimbye, era n'akawoowo k'omukisa gwa Katonda, Mukama ow'ensi zonna, mwe kawunyiriziddwa.  Tumusabe -Agulumizibwe- abakuume nga ayita mu buyinza bwa bamalayika Be, Abakuume nga ayita mu maanyi g'obwakabaka Bwe era abayambe nga ayita mu maanyi Ge agatalemwa, ago agabunye ebitonde byonna. Obwakabaka bwa Katonda, Oyo omutonzi w'eggulu, era Mukama ow'Obwakabaka obw'amanya.

---

TMP00666

Essaala ezabikulwa okusaba okuwonyezebwa zikozesebwa okusaba okuwonya okw'omubiri, n'okw'omwoyo.  Bwotyo zisabe olw'okuwonyo omwoyo nomubiri.

---